


AKAGOMBE BWE
KAVUGA EDDOBOOZI
ERITATEGEEREKEKA

 Weebale nnyo, Ow'oluganda Demos. Mukisa gwa maanyi nnyo okubeera wano mu kkuŋŋaaniro lino ery'Abakristaayo akawungeezi ka leero, emmanga wano mu kitundu kino eky'omuzira. Kati nnakubye essimu eka, gye buvuddeko katono, era ebbugumu liri wagguluko obutundutundu nga amakumi abiri, erudda eri mu Bukiikakkono, okusinga bwe kiri wano. Ebbugumu eryo nteekwa okuba nga nze nazze nalyo. Ŋŋenda kwanguwako mangu, nzireyo mu bwangu ddala. Ebirime byonna byonooneka olw'obunnyogovu. Okirowoozako ki ekyo, Creechy? Ki. . . [Ow'oluganda addamu nti, "Bunnyogovu."—OmuK.] Ddala bwe kiri.

² Kale ndi musanyufu nnyo okusisinkana omusumba ono omulungi, akawungeezi kano, nammwe okubalabako. Mbadde nnaakatuuka, ebbanga si ddene. Nva Tucson, gye nnabatte nnina okugenda olwa leero. Nnavuze ne ŋŋendayo ekiro ekyakeesezza olwa jjo, ne ntuukayo ku ssaawa nga munaana n'ekitundu nga bukya, mu Tucson. Era sseebase, olunaku lwonna. Era mbadde nnaakavaayo akaseera si kanene. . . Kale, mbadde nnaakatuuka, ndowooza, wano nnaakamalawo essaawa nga emu n'ekitundu, awo bwe watyo, nga nzize. Kale n'olwekyo ssinnaba kwebaka bulungi kimala. Naye ŋŋenda kugezaako obuteebakira wano. Naye tuli—tuli basanyufu okubeera wano.

³ Akalenzi kano, kazannyisa obuzindaalo buno. Nnatudde emabega wali, ku. . .ku kamu ku butebe bw'abaana abato. Ne wajja akalenzi, ne kanneekaliriza nga kantunuulira bulala. Ne nkagamba nti, "Ndowooza fenna abaana abato tusobola okutuula awamu, si bwe kiri?" Kati, ddala, abaana abo abato mbaagala nnyo.

⁴ Era ki, o, kirungi nnyo okubeera wano akawungeezi kano, n'okubeera n'ekibiina ky'abantu bano abalungi abayimiridde okwetooloola wano. Era nzikiriza Ow'oluganda Williams abategeezezza byonna ebikwata, wamu n'Ow'oluganda Rose ono wano, babategeezezza ku lukunŋaana olugenda okubaawo. Ndowooza lwabategeezeddwa. Olunaabeera ku Ramada, amangu ddala, olukunŋaana lw'Abasajja Abasuubuzi. Era tusuubira okuba n'ekiseera ekirungi ddala. Ow'oluganda Velmer Gardner, omwogezi, ow'amaanyi, omulungi ennyo;

wamu n'abaweereza abalala, Oral Roberts n'abalala bangi, bonna baja kubaayo. Era tusuubira okuba n'ekiseera ekirungi ennyo ddala mu Mukama waffe.

⁵ Ndownooza, tujja kufunayo ekiseera, tubeere n'okusabira abalwadde mu kifo ekyo. Uh-huh. Nnandyagadde nfuno Ow'oluganda Oral, tubeere wamu. Yee, ssebo. Tekiibeere kirungi? Eyo ejja kuba ngeri ya—ya maanyi nnyo ey'okuggulawo enkunjaana ezo, si bwe kiri? Okubeera n'olukunjaana olw'okusabira abalwadde, emmanga mu Ramada, ekyo kijja kuba kirungi nnyo. Tu. . . Kale ekyo tuyinza okukikola. Mukama yandikitukolera, ne tubeera n'olukunjaana olw'okusabira abalwadde. Kale tujja. . . Kati tugenda twetoolola, okuva mu kkanisa okugenda mu ndala, nga tugezaako okubunyisa amawulire amalungi, n'okukolaganira awamu, n'okussa ekimu mu makanisa gonna agatali gamu. Ekyo kye tukkiririzaamu, nti tuli omu, mu Kristo.

⁶ Luli nnali njogera n'omusawo. Nteekateeka okugenda emitala w'amananja, era obeera oteekwa okusooka okukeberegwa omubiri. Kale nnali ngenze kunkebera. Ne banteeka ku kimu ku byuma ebyo ebiraga amayengo. . . Si. . . Temugeza ne mumbuuza bwe bakiyita. Kati n'abaako ne kye yazuula ekitali kya bulijjo. N'akomawo nga kimulemye okutegeera, n'ayita basawo banne abawerako, naye era n'atasobola kukitegeera. N'agamba nti, “Ekyo mbadde sikirabangako.” Kye yava andaga ekifaananyi kyakyo, nga kiraga nga omuntu owa bulijjo bw'alina entegeera eya bulijjo n'entegeera ey'omu mutima, era nga ziri wala nnyo buli emu ku ginnaayo. Naye yalaba nga ezange zombi zaali wamu. N'anjamba nti, “Gundi ggwe toli muntu wa bulijjo.”

Ne mmugamba nti, “Ekyo mbaddenga nkimanyi. Buli omu akimanyi.”

⁷ N'agamba nti, “Ekyo tubadde tetukirabangako.” N'atandika okukinnyinyonnyola.

⁸ Ne njamba nti, “Kale,” ne njamba nti, “omanyi, ndownooza Mukama waffe omalungi, bw'aba Atukola, Atukola mu ngeri ey'enjawulo. Tetufaanagana, kale n'oluusi tetweyisa kye kimu. Naye—naye Ye abikola nga bw'Ayagala. . . mu ngeri Ye gy'aba Ayagadde okubikolamu. Ffe tugenda bugenzi mu kyuma ekinene ekibumba, ne tutuula ne tukkalira, olwo Ye n'atubumba nga bw'Ayagala tubeere.”

⁹ Era ma—mmani tewali n'omu yandyagadde kubeera kintu kirala kyonna okuggyako ekyo ky'oli. Ekintu kyokka fenna kye tuyinza okwegomba. . . Nga tumaze okulokolebwa ne tufuuka abaana ba Katonda, ekintu kyokka kye twagala kwe kumutambulira ku lusegere buli lunaku. Ekyo kye tuyayaanira, okussa ekimu okwo okw'ekitalo. Nga kulungi bya nsusso! Wali obaddeko awo n'olowooza ku kiki kye twandikoze singa

tetwakulina? Kiki—kiki. . . Singa tetwalina ssuubi eryo ekkulu munda mu ffe, twandikoze ki?

¹⁰ Nnali njogera, mu emu ku makanisa, leka. . . Nnasooka, kukyogera mu kifo ekimu, oluvannyuma ne nkiddamu ne mu kirala, n'okwetooloola eggwanga oluusi nnina kye ntera okwogera, ndowooza nsobola okukiddamu mu kkanisa y'emu. Naye nnali nfuluma ekizimbe mwe nnali mmaze okuvumirira ennyo, abantu bano abazina amazina gano amapya ge balina ensangi zino, ge bayita aga twisiti, oba ekintu bwe kityo. Nnagamba nti, "Ssimanyi ddala, mu nsi, kiki kireetera bantu kwagala kumenya magulu gaabwe na—na kwenyogootola mu ngeri eyo."

¹¹ Kati, waaliwo omuvubuka omu, wa myaka nga abiri mu mukaaga, abiri mu musanvu awo bwe watyo, eyansisinkana emabega, n'anŋamba nti, "Lindako katono, Mw. Branham."

Kko nze nti, "Wangi, ssebo?"

N'agamba nti, "Omanyi, ggwe tokitegeera butegeezi."

Kko nze nti, "Saagala na kukitegeera."

¹² Kye yava anŋamba nti, "Olaba," n'agamba nti, "ky'oyogerako nkitegeera." N'agamba nti, "Oli musajja wa myaka ataano. Naye singa obadde wa myaka gyange, kyandibadde kya njawulo."

¹³ Kko nze nti, "Lindako katono." Ne mmugamba nti, "Nnali mbuulira Enjiri nga ndi muto ku ggwe emyaka kkumi. Era nkyakkiriza Enjiri y'emu eyo. Nnazuula ekintu ekitwala ekifo, era nnafunna essanyu mu kuweereza Mukama erisinga ku eryo eriri mu bintu ebyo byonna ssetaani by'ayinza okujingirira awantu wonna." Ki. . . Kireeta okumatizibwa.

¹⁴ Omanyi, Dawudi lumu yagamba nti, "Nga empeewo bw'ewejjaweja nga enoonya akagga k'amazzi, emmeeme yange erumwa ennyonta ku Lulwo, Ai Katonda."

¹⁵ Era bw'oba wali olabye emu ku mpeewo ezo, nga—nga erumiziddwa, oba oli awo nga embwa egikutte, n'egirumako ekifi ekinene mu mbiriizi zaayo, oba ekintu bwe kityo. Nga etonnya omusaayi. Era, yo, embwa ebeera esobola okugirondoola. Yo teringa muntu. Esobola okuyigga empeewo eyo si nsonga oba evaamu omusaayi oba nedda. N'olwekyo engeri yokka. . . Empeewo eyo bw'eba evaamu omusaayi, engeri yokka gy'esobola okuba ennamu kwe kutuuka awali amazzi. Era singa emala n'etuuka awali amazzi, ebeera eja kunywa amazzi ago. Era gabeera gajja kukomya okukulukuta kw'omusaayi okwo, era—era awo ebeera esobola okusimattuka. Ngezi nnyo.

¹⁶ Naye kati kubamu akafaananyi, nga olaba akamu ku buweewo nga kalumiziddwa konna kavaamu omusaayi, nga konna kagezaako nga bwe kasobola okusimba akatwe kaako, n'okukozesa obusimu bwonna bwe kalina mu kko

obw'okukongamu olusu lw'amazzi wonna we gali, n'ennyindo yaako. Kaba, kateekwa buteekwa okuzuula amazzi, oba si ekyo kajja kufa. Era kati kiba wakati wa bulamu na kufa, gye kali. Kakozesa, buli—buli—buli kasimu akakonga ke kalina, nga kagezaako, nga kayaayaana. Kateekwa okugazuula.

¹⁷ Kati, bwe tutyo bwe tulina okulumwa ennyonta ku lwa Katonda. Mukiraba? “Nga empeewo bw'ewejjawejja nga enoonya akagga k'amazzi, n'emmeeme yange bw'etyo bw'erumwa ennyonta ku Lulwo, Ai Katonda.” Njagala mbeeko we nneekweka wamu naye, kwe kuyaayaana kw'omutima gwange. Era nzikiriza kwe kuyaayaana kwa buli muntu ali wano akawungeezi kano.

¹⁸ Era kati, kiro ku kiro, era kino nkyagala nnyo. Abantu b'olaba mu kifo ekimu, okuddamu n'obalaba mu kifo ekirala. Ekyo—ekyo nkyagala nnyo. Mmwe okulaga okussa ekimu kwammwe, n'okwoleka ensonga lwaki tuli wano.

¹⁹ Era, ha, ddala nandyagadde okulaba okudda obuggya okw'enkola enkadde mu Phoenix. Ha, bannange! Ekigambo ekyo *Phoenix* kyansanyusa nnyo okuviira ddala ku mulundi gwe nnasooka, okukisomako: Phoenix, Arizona. Bannange, nnali nkyaali kalenzi kato, ne ndwoowa muli nti, “Singa ntuukako mu kifo ekyo! Singa ntuukako, mu Phoenix!” Naye kati okulaba, nga tuli wano naye ne tulaba nga kitubidde mu kibi, nga ebifo ebirala byonna, abalambuza bakyettanira; kijjuddemu okunywa omwenge, okubinuka amasejjere, n'obugwenyufu, na buli kimu kyonna.

²⁰ Naye, ate, mu makkatti g'ebyo byonna, osangamu amayinja ddala ag'omuwendo Katonda ge yajja mu ddungu lino wano, agatemagana mu ngule y'abantu ba Katonda ey'ekitiibwa. Era ekyo kye kindeese wano, akawungeezi kano, okukwatagana nammwe ab'oluganda ne bannyinaze, okugezaako okumulisa Omusana gwa Mukama waffe Yesu eri abalala, nabo, basobole okuzuulwa, baggyibweeyo mu kavuyo kano. Ate bakyalioo bangi nnyo wabweru eyo. Ekyo nkikakasa. Wakyaliyo bangi abalina okuyingira, era tuteekwa okukola buli kye tusobola okubaggyayo, era tutambulire mu bulamu obunaayolesa Kristo.

²¹ Kati, nga tetunnasoma kitundu kya Byawandiikibwa... Nnatuuse kikeerezi nnyo ne mbaako ebitonotono bye nnawandiise ku lupapula, mu ddakiika nga ttaano. Ate ab'ekitongole kya gavumenti ekisolooza emisolo babadde baakansindikira ebikwata ku misolo gye nnina okusasula, ate nga mbadde nnina okujja wano butereevu, nga n'ebiwandiiko birina okukubibwako sitampu, ndwoowa, nakyo, kibadde kirina kukolebwa leero. Kale mbadde nnina okugenda ku posita. Era bwe ntuseeyo, Billy anjambye nti, “Yanguwako nno.” Kale wano...

22 Era abantu abo, babadde mu kunneetoolooza nga banziza eno, banziza eri. Bannange, ha, bannange! Boogera ku bwenkanya bw'osanga mu kooti. Naye nneewuunya we buli. Weewaawo. Ssirina we mbulaba. Kati babadde baagala nsasule omusolo ku ceeke zonna ezizze zimpeebwa okumala emyaka ataano egiyise, ze nnakozesanga okusasula amabanja g'enkuŋaana, nga kw'ogasse n'engassi ey'obulagajjavu, olaba, ya doola emitwalo asatu mu etaano n'ekitundu.

23 Nnabagambye kimu, "Munkube bukubi masasi." Nga ekyo ddala nnaakikola ntya? Nnabagambye nti, "Ka zibeere ssente ataano mu ttaano sizirina." Ne ŋnamba nti, "Olwo ezo nnaaziynza ntya?" Era bankaluubirizza okumala emyaka etaano.

24 Kati, ku ky'abantu okuwaayo. Kiringa, bwe tunaaba n'enkuŋaana, ate—ate abantu, erinnya lyange bamanyi ye nze William Branham, bawandiika buwandiisi ceeke ey'ebyo ebiba bisaasaanyiziddwaako ssente. Abaweereza ne babikolako. Nze sitwalangako kiweebwayo mu bulamu bwange. Kale bafuna . . . Nfuna o—omusaala okuva mu kkanisa yange, gwa doola kikumi buli wiiki.

25 Era ekiwebwaayo kino . . . Naye buli omu, olaba, ekiweebwaayo ekyo bwe bakiwaayo . . . Kati enkeera, oyo—oyo—oyo—oyo eyakulidde akakiiko akavunaanyizibwa ku by'ensimbi, nga ajja nga anŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ceeke zino olina okuziteekako omukono." Nga, nange, nziteekako mukono. Nga ssente agenda aziggyayo. Era ebyo byonna ne babyekebejja, nga tewali wadde ennusu n'emu gye nnakozesa nga nze. Naye olw'okuba nze nassa omukono ku ceeke eyo, baagamba nti zaali zange. Nti abantu baazimpanga, nze ne nziwa ekkkanisa. Ha, bannange!

26 Mu kusooka, nnawulira bubu nnyo, naye ŋenda okukizuula nga buli muntu yenna mu Bayibuli, nzikiriza, eyali abaddeko ne woofiisi ey'omwoyo eweereza Katonda, nga gavumenti zaamuteganyanga. Mukinoonyerezeeko mulabe. Bwe kiri. Musa, Danyeri, Yokaana Omubatiza. Yesu Kristo yafiira mu mukino gya gavumenti, nga aweebwa ekibonerezo eky'okuttibwa. Peetero, Yakobo, Yokaana, Yokaana eyaweebwa okubikkulirwa, bonna, buli omu . . . Bonna baayigganyizibwa.

27 Lwaki? Kubanga kye kitebe kya Ssetaani. Ekyo mukimanyi? Mukimanyi nti, Ssetaani yalinnyisa Yesu waggulu n'amulaga obwakabaka bwonna, obw'ensi, mu kaseera buseera? N'amugamba nti, "Bwange. Mbukozesa kyonna kye njagala. Okiraba? Naye nja kubukuwa singa Onaavunnama n'Onsinza." N'olwekyo mulaba ani azirinako obwannannyini? Ekyo tetwagala kukirowooza ku gavumenti yaffe, naye bwe kiri.

28 Kye yava Amugamba, Yesu kye yava amugamba nti, "Va wano, ggwe Ssetaani." Yakimanya nti Yali wa kubusikira mu

kufuga okw'Emyaka olukumi. Yakimanya nti buliba Bubwe nga. . .Nga, amawanga gano singa gaali gafugibwa Katonda, okufuga okw'Emyaka olukumi kwandibadde weekuli. Naye walibaawo ekiseera.

²⁹ Leero balina ebibiina nga eky'Amawanga Amagatte n'Ekinnyi ky'Amawanga, n'ebirala, okugezaako okuleetawo emirembe. Naye kasita Ssetaani aba nga y'akyali ku ntikko yaabyo, n'eby'obufuzi, kiki ekigenda okubaawo? Bajja kusigala nga bakyalwanagana ekiseera kyonna ensi ky'erimala.

³⁰ Naye wajja ekiseera eby'okulwanyisa byonna lwe birituumibwa awamu. Akagombe kavuge, obudde bukya nga Butaggwaawo, obulungi era obutangalija. Kabaka waffe atuule ku ntebe Ye ey'obwakabaka. O! Walibaawo okuyimba; walibaawo okusaakaanya. Era walibaawo bendera emu, abantu ba kika kimu, eggwanga limu, nga twogera olulimi lumu, olw'omu Ggulu. Amiina. Njaayaanira ekiseera ekyo. Era nnwana okutuuka awo awawakanirwa, nga nneesiga Katonda, nti lumu olutalo bwe luliba luwedde, nsobole okugamba nti. . . Mmuwulire nga anjamba nti, "Jangu eno waggulu."

³¹ Ndi wano mu Phoenix akawungeezi kano mu Linnya lya Mukama waffe. Nnyinza—nnyinza obutagezaako kunnyonyola bibaddewo. Bangi ku mmwe abatwala entambi, mukakase nga mufuna olutambi olwo olwa, *Kiseera Ki Kino, Ssebo?* Lwe nnabuulira nga ssinava waka. Kwolesebwa kwe kwansindise okujja wano; ku, ssimanyi kiki. . . si. . . Siri mutunzi wa ntambi, era ebintu ebyo sibiteekako ssira. Entambi tuzifuna, era tulina omulimu gw'okubunyisa entambi okwetooloola ensi. Munda eyo mu bibira na buli wamu wonna, balina akantu akatono ke bateeka mu matu, ke balina, era basobola okukayunga ku lutambi, ne bayimirira awo ne baluvvunula mu lulimi lwabwe. Era zibuna ensi yonna yonna.

³² Era, naye olwo lwe nnabuulira, olugamba nti *Kiseera Ki Kino, Ssebo?* Manya, *Kino Kye Kiseera, Ssebo?* Nga. . . Na. . . Nnalubuulira ku Lwamukaaga akawungeezi, wiiki ssatu eziyise, ku kkanisa. Ndabye okwolesebwa obulamu bwange bwonna, nnali ssirabanga ku kintu nga kino, mu bulamu bwange. Na buli kati simanyi kye kitegeeza. Ndi wano, naye Ye y'antumye okujja wano. Ssimanyi kye kitegeeza. Ndi. . . Ndi wano kye kyokka.

³³ Era nnina okubeera omwesimbu era ow'amazima, era eyo y'engeri yokka ey'okubaako ne we tutuuka ne Katonda, kwe kubeera abeesimbu. Kubanga, abantu bajja kukimanya. Katonda ye aba akimanyi, okuva ku ntandikwa, nti toli mwesimbu, oba oli mwesimbu oba toli. Kati n'abantu bajja kukimanya. Kubanga, lumu, waaliwo omusajja eyali agezaako okulagula. Katonda n'amugamba. . . Manya, nnabbi yennyini n'amugamba, nti, "Leka tukijjukire. Nti waliwo bannabbi abaatusooka. Nnabbi amanyibwa obunnabbi bwe bumaze

kutuukirira.” N’olwekyo tusaanye okusooka tukakase nti ddala Katonda bw’atyo bw’ayogera, nga tetunnabaako kye tukyogerako. Beera mwesimbu era wa mazima.

³⁴ Kati leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera tusabe. Kaakano leka tusse ku bbali okweraliikirira kwonna, okumala eddakiika entonotono eziddako. Ssimanyi... Mu kibiina ky’abantu ekirungi kino ekiri wano akawungeezi kano, mmanyi nga waliwo amayinja ag’omuwendu agatudde wano lumu Yesu g’alijja okunona, abalizuukira okuva mu nfuufu.

³⁵ Naye wayinza okuba nga waliwo abateekakasa bulungi oba nga balibaayo, oba nedda. Oyinza okuba nga olina ebintu ebirala bye weetaaga. Bw’oba olina ekyetaago mu bulamu bwo akawungeezi kano, leka kimanyibwe eri Katonda, nga bw’oyimusa omukono gwo, nga ogamba nti, “Ayi Katonda, Omanyi kye ntegeeza. Era mpa omukisa. Ndi—ndi mulwadde. Nneetaaga okuwonyezebwa. Nna—nnaddirira. Njagala kukomawo mu kussa ekimu. Nja—njagala kukomawo. Nna—nnawaba. Nkomyewo. Njagala Onnyambe, akawungeezi kano, nkomewo.” Katonda abawe omukisa.

³⁶ Kitaffe ow’omu Ggulu, kaakano nga bwe tujja eri entebe Yo, okuyita mu Musaayi, kubanga, ne Alooni bwe yayingiranga eri e—entebe ey’ekisa, yatwalanga, ekisooka, omusaayi mu mukono gwe, n’agenda mu maaso, naffe, olw’okukkiriza akawungeezi kano, tusembeza Omusaayi gwa Mukama waffe Yesu, era tutambula okwolekera entebe ya Katonda, n’obuvumu, nga tumanyi nti tulina eddembe okujja, si mu butuukirivu bwaffe, wabula mu bubwe Ye. Omusaayi gukiikirira okulongoosebwa kwaffe. Era nsaba, ayi Kitaffe ow’omu Ggulu, nti Oyanukule okusaba kwaffe.

³⁷ Ekisooka, tukusaba Otusaasire, otusonyiwe olw’okusobya kwaffe kwonna, nga bwe twatula okwonoona kwaffe, n’ensobi zaffe ezitali zimu, n’ebibi byaffe eby’omu nkiso, n’ebibi byaffe ebitamanyiddwa. Era nga abaweereza, twatula ebibi by’abantu, kubanga tuli bakabona. Fenna wamu, ayi Mukama, tuyimiridde. Abantu tubaagala. Tuwulira nga Musa bwe yeesuula mu muwaatwa, okutaliza abantu, obutatukibwako busungu bwa Katonda. Nga kyali kifaananyi kya maanyi, ekyoleka obutuukirivu bwa Kristo, Kristo bwe yeesuula mu muwaatwa, okulokola abantu!

³⁸ Era, Kitaffe, naffe nga abaweereza Be, abalina Omwoyo We mu ffe, wamu na buli Mukristaayo ali wano akawungeezi kano, tuyimirira mu muwaatwa ku lw’aboononyi: “Ai Katonda, bakwatirwe ekisa.” Twegayirira ku lw’abalwadde n’abali mu bwetaavu, ku lw’emikono egyo egy’omuwendu, abamu ku bo bakadde, ate abalala bato, n’abalala bavubuka, bayimusizza emikono gyabwe. Ebyetaago ebyo byonna obimanyi, ayi

Mukama. Tukusaba Oyanukule okusinziira ku bugagga Bwo obuli mu kitiibwa.

³⁹ Leka wabeewo bangi akawungeezi kano, ayi Mukama, abanaava wano, abazze, nga balwadde, leka bagende, nga bali bulungi, nga bawonyezeddwa. Wabeewo ekibaawo, nga nabo bennyini tebasobola kukinnyonnyola, naye nga bamanyi nti bali bulungi.

⁴⁰ Leka abo abaddirira bave wano nga baggyiddwaako omusango, ayi Mukama, nga bamanyi nti bakomyewo ne basanga Kristo we baamuleka. Leka bagende batereeze, bye baasobya. Tusaba, ayi Mukama, nti abo abatajjanga bazuule eddembe eryo ery'omuwendu ery'okubeera ab'eddembe, nga bateereddwa okuva mu kaduukulu, nga tebakyasibibwa bintu bya nsi na kweraliikirira kwa bulamu buno, wabula nga bafuuliddwa ba ddembe mu Kristo. Kituwe, Kitaffe.

⁴¹ Wa omukisa byonna bye twetaaga kaakano, owe n'omukisa Ekigambo Kyo wamu n'omuweereza Wo, naffe tunaakutendereza. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

⁴² Kati, leka tusome ekitundu mu Byawandiikibwa, oba Ekyawandiikibwa kye tugenda okuyigako, manyanga, Abakkolinso Ekisooka essuula ey'e 14, olunyiriri olw'o 8, wasoma bwe wati, mu Bakkolinso Ekisooka 14:8.

Kubanga n'akagombe bwe kavuga eddoboosi eritategerekeka, ani alyeteekateeka okulwana?

⁴³ Kino kyandibadde kitundu ekimalira ddala okuba nti tukibuulirako okumala wiiki bbiri, naye era ne tutabaako we tukituuka. Waliwo eky'enjawulo ekiri ku Kigambo ekifukiddwaako amafuta. Osigala ku ky'okuyigako ekyo kye kimu. Osobola okukikwanaganya ne Bayibuli yonna yonna mu bulamba bwayo. Bwe kiri.

⁴⁴ Lumu waliwo omusajja eyambuuzza, nti, "Oyinza otya okukozesa ekitundu eky'okuyigako kye kimu?"

Ne njamba nti, "Ha, bannange! Ekitundu ekimu ekyo osobola okukiggyamu emitwe egikwata ku bintu ebya buli ngeri."

⁴⁵ Ne nonda akaddo ka kanyebwa akalina obukoola busatu akaali awo ku ttaka, ne nkaggyawo. Omusajja oyo waali wano akawungeezi kano, ava mu Tucson. Era twali mu Pasadena, California. Ne mmugamba nti, "Nsobola okukozesa akakoola k'akaddo ka kanyebwa kano ak'obukoola obusatu ne nkabuulirako okumala emyaka abiri mu etaano: ne mbuulira ku bulamu, obukalimu; ne mbuulira, ku bukoola bwako obusatu, bwe bwoleka obusatu mu Omu. Era, ha, ha, waliwo ebintu bingi nnyo bye tusobola okukoogerako."

⁴⁶ Kati ate kiri kitya ku Byawandiikibwa? Ebyawandiikibwa Kigambo kya Katonda. Tekiggwaawo. Te—tekyalina . . . Tekirina

nkomerero. Kyeyongerera, bweyongezi, kugenda mu maaso. Kiddukiro gye tuli.

⁴⁷ Era kati akawungeezi kano njagala okwogera ku kino nti: *Akagombe Bwe Kavuga Eddoboosi Eritategeerekeka*.

⁴⁸ Bwe mbadde nkirowoozaako, eddakiika ntono eziyise, bwe mbadde ndowooza ku...ku nsonga eyo ey'omusolo, muli ndowoozezaamu nti, "Kyenkana ensangi zino tewakyali kintu kyonna kikakafu. Buli kintu tekiriiko bukakafu." Ate ekintu kyonna ekitaliiko bukakafu tekiyinza kwesigibwa. Ekintu kyonna ekitaliiko bukakafu tekiyinza kwesigibwa. Kyewalire ddala bwe kiba nga tekiriiko bukakafu.

⁴⁹ Singa obeera ne bizinensi; ate nga, kye mmanyi, wano tulinawo abasuubuzi, oba oli awo abawerako. Singa obeera ne bizinensi gy'oddukanya naye nga terina bukakafu bw'ekuwa, tojja kugiteekamu kingi kiri awo, kubanga a—amagoba g'ekuwa tegasobola kukakasibwa nti ddala ganaavaayo, n'olwekyo toyinza kugiteekamu ssente nnyingi kiri awo. Oba, bw'oba oli musuubuzi mulungi, omujagujagu, ojja kulinda era okole okunoonyereza, bw'oba nga olina ssente z'oyagala okusiga, okutuusa lw'onaafuna ekintu ekikakafu, ekintu ekyesigika, ekintu ky'osobola okwesigamako. Kubanga, tewandyagadde kufiirwa kasente ako k'ozze okuŋŋaanya, kubanga mu kasente ako mw'olina okufuna engeri ey'okweyimirizaawo, okuva mu musaala oguba guvudde mu—mu magoba ssente zino ge ziba zikoze. Kubanga, olina—olina okufuna eky'okukubeezaawo.

⁵⁰ Ate akasente kano k'obeera okuŋŋaanyizza, leka kukateeka mu nsawo yo kubeera omwo, kubanga ababbi bajja kukabba. Okiraba? Togeza, n'okikola. Bw'oba okalina, baako ekintu mw'okasiga keekubiseemu. Naye kati olina okuba omukakafu ku bizinensi mw'ogenda okukasiga. Bw'oba toli mukakafu, togezaako, n'akatono, okukasigamu.

⁵¹ N'olwekyo, bizinensi mazima ddala ziri mu kuyuuga akawungeezi kano. Buli bizinensi yonna, kyenkana, mu nsi yonna, eri mu kuyuuga, kubanga ensi eri mu mbeera ya kuyuuga. Toyinza kugamba... .

⁵² "Kati, ŋŋenda kukuŋŋaanya omuwendo gwa ssente *bwe ziti*, nneezebireyo, akayumba akalungi awantu awamu." Ekyo, ekyo kiyuuga ebitagambika, nsobola okukibakakasa, kubanga gavumenti ebyo byonna esobola okubitwala, mu kiro kimu.

⁵³ Bannange, ebintu ebyonoonye enkola yaffe eya demokulasiya ebitagambika, okutuusa nti yenna ayuuga okukamala! Edda twalina obwesige bungu mu nkola yaffe eya demokulasiya. Era, nga, ndowooza nti y'enkola ya gavumenti esingayo obulungi. Naye, era, n'enkola yaffe eya demokulasiya eyuuga. Kubanga, tuli, eggwanga lino, abantu baffe, tulina ssemateeka, era ssemateeka ono ye—ye kamala byonna waffe. Naye, era, newankubadde tumulina, ssemateeka waffe ayuuga,

kubanga amenyedwa emirundi mingi. Omugenzi Mw. Roosevelt yamutyoboola. N’olwekyo, mukiraba, asobola okumenyebwa. Toyinza kumuteekamu nnyo bwesige.

⁵⁴ Eby’obufuzi, ha, bannange, nga biyuuga! Abantu babeera mu kukaayana, na kukaayana, na kukaayana, ku bya byabufuzi. Ab’emiriraano ne batuuka n’okukyawagana, olw’eby’obufuzi, n’abantu olumu abaali ab’emikwano ennyo. Wabaawo pulezidenti asituka, oba omuntu ayagala okwesimbawo okubeera akulira poliisi oba ekifo bwe kityo, olwo oli munne ali ku ludda luli olulala olw’eby’obufuzi, ne bakaayana bokka na bokka okutuusa lwe kibaawula, eby’obufuzi. Era ssi... ka nsuubire ssirina muntu yenna gwe nkola bubu bwe njogera bwentyo, naye ku lwange ndowooza nti ekintu kyonna kivunze. Mukiraba? Yee, ssebo. Naye kati ddala kiki ekibakaayanya n’okutuuka okwawukana ku kintu ekitaliimu kalungi okusooka kwa byonna? Bwe kiri. Kibi nnyo.

⁵⁵ Luli waliwo eyambuuzza, n’agamba nti, “O—onaagenda okukuba akalulu mu kulonda kw’omulundi guno?”

Ne mmugamba nti, “Nze akalulu kange nnakakuba dda.”

N’ambuuzza nti, “Ha, mu kulonda kuno?”

⁵⁶ Kko nze nti, “Akalulu kange nnakawa Yesu.” Ne njamba nti, “Leka mbeeko ne kye nkubuulira. Waaliwo abantu babiri abaali bankubako akalulu.” Ne njamba nti, “Katonda yankubako akalulu nti nja kumalako, naye ssetaani n’ankubako akalulu nti sijja kumalako. Nze akalulu kange nnakawa Katonda, kale nnalonda bulungi.” Kisinziira ku ani gw’owa akalulu ko, ky’ekisalawo bw’onaabeera.

⁵⁷ N’olwekyo, mwekkaanye, jjuuzi wano, njagala mbeeko akantu ke mbalaga, oluvannyuma ensonga eyo tugiveeko. Mu kulonda kw’obwa pulezidenti kuno okwakaggwa, nga kyali kikakasiddwa awatali kubuusabuusa kwonna mu Chicago ne mu bifo ebirala, nti ebyuma bye baali bagenda okukozesa mu kulonda, nti, byali bitegekeddwa ab’ekibiina kya Democratic party, nga buli mulundi gw’onaalonda Mw. Nixon, ojja kuba olonze ne Mw. Kennedy, mu kiseera kye kimu. N’olwekyo, tolina kakisa konna. Era kyakakasibwa!

⁵⁸ Era mwawulira ku leediyo ya *Monitor* ekiro kya luli, bwe baateekawo o—okukunjaanya ebirowoozo okwetoolola eggwanga lyonna, okuva mu Mississippi, mu buvanjuba. Mw. Nixon yali awangudde akalulu kano ak’oku masimu n’ebitundu bina ku kimu. Omuntu ayinza atya okuwangula? Ne bwe yanbibadde Mw. Kennedy, era bwe kityo bwe kyandibadde. Sirina kibiina kyonna ku byombi kye mpagira.

⁵⁹ Ekibiina kyange kiri mu Ggulu, era ndi nabo wano wennyini akawungeezi kano. Tutudde mu bifo eby’omu Ggulu, nga twogera ku Kabaka waffe.

⁶⁰ Naye, mulaba, ngezaako okubategeeza, nti ebintu by'ensi bino byonna biri mu kuyuuga. Tewali... toyinza kubiteekamu bwesige. Tebiriiko bukakafu. Era ekintu kyonna ekitaliiko bukakafu, kisingako ne nkyesonyiwa. Ssaagala kintu kitalina bukakafu. Ssaagala kwetabika na ludda olwo litalina bukakafu. Njagala ludda lukakafu, beera ku ludda olukakafu.

⁶¹ Kati, n'amaka tegakyalimu nsa. Mumanyi, nga luli nnalaba eggulire, mu lumu ku mpapula z'amawulire, nga bagamba nti omuwendo gw'abafumbo abaawukana mu Amerika guli waggulu nnyo okusinga bwe kiri mu mawanga amalala gonna mu nsi. Ate nga tusaanidde kuba ggwanga linnaddiini. Weewaawo, ekyo kiyinza okuba nga bwe kityo bwe kiri, nga tulina eddiini, weewaawo, naye ssi y'eddiini entuufu. Mukiraba? Eddiini kintu ekibikkako obubissi. Kizibu okumanya ebintu mwe tukola ekibikkako kyaffe. Adamu yagezaako okwekolera ekibikkako okuva mu makoola g'omuti omutiini, naye tekyamuyamba. Kyonna kyayuuga ebitagambika bwe yavaayo okusisinkana Katonda. N'olwekyo eddiini terina ky'egasa yadde. Naye osobola okukikiriza nti omuwendo gw'abafumbo abaawukana mu ggwanga lyaffe, guli waggulu nnyo okusinga—okusinga amawanga amalala gonna, omuwendo gw'abafumbo abaawukana mu ggwanga lyaffe? Tulaba obugwenyufu nga bukudde ejjembe mu maka gaffe.

⁶² Kyali kiwuniikiriza okukizuula, nti, ekitundu ekisinga obunene mu kunoonyereza okwakolebwa okw'eggwanga lyonna, naye mu... Nzikiriza kyali mu Ohio, gye baakola okunoonyereza ku Bukristaayo, era kyali kiwuniikiriza bwe baazuula omuwendo gw'abantu abatalinnya na mu kkanisa. Ate nga, n'ebitundu kinaana ku kikumi ku abo abagenda mu kkanisa, baali tebamanyi kibatwalayo. Tebamanyi kibatwalayo. Bamala gagenda bugenzi mu kkanisa.

“Kiki ekikutwalayo?”

⁶³ “Omanyi, maama yatutwalangayo nga tukyali bato, kale twasigala tugendayo.” Ate—ate, kati, ekitundu ekirala, bo baagamba nti bagendayo, ha, kusiinkana baliraanwa baabwe kunyamyamu. Mukiraba?

⁶⁴ Bannange, kiwuniikiriza! Ky'ova olaba amaka gasasise, olaba, amaka gonna agatatebenkedde.

⁶⁵ Omukazi yenna agenda okufumbirwa omusajja, naye nga teyeekakasa musajja oyo, kyandibadde kirungi n'atamufumbirwa. N'omusajja yenna agenda okuwasa omukazi, naye nga tamwekakasa, kyandibadde kirungi n'otamuwasa. Osaanye osabe ofunvubire, ku nsonga eyo, okutuusa nga Katonda akwanukudde. Okuva awo ekyo Katonda ky'agatta awamu tewaba muntu yenna akigattulula. Naye ffe—ffe, okusooka, tuteekwa okusaba ne tufunvubira, ku nsonga eyo. Weewaawo.

66 Kati, tukiraba nti tugezezaako okukyusa ensi nga tuyita mu nteekateeka ez'eby'enjigiriza, naye twesanze, nga eky'amazima tukoze mivuyo myereere. Toyinza kukyusa nsi kugizza eri Kristo nga oyita mu bya njigiriza. Obuyigirize buggya omuntu ku Katonda ne bumwongerayo, okusinga bwe bumusembeza awali Katonda, kubanga bumuleetera okulowooza nti mugezi okusinga abalala bonna. Obuyigirize newankubadde nga bulungi, naye Kristo tatumangako kkanisa Ye kugenda kuyigiriza nsi. Teyabayigiriza, kukola matendekero ga bya ddiini. Teyabayi-...Weewaawo, birungi. Teyabagambako kugenda kuzimba malwaliro. Weewaawo kirungi.

67 Naye omulimu gw'Ekkanisa kwe kubuulira Enjiri. "Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna." Mukiraba? Naye ekintu kyonna ekyawukana ku ekyo, kiba kiyuuga, kubanga kiba bweru wa nteekateeka ya Katonda.

68 Obulamu bw'eggwanga tebwesigika. Weewaawo, ensi yonna terinaako bukakafu bwonna. Tuli mu mbeera nga ensi yonna, kirabika nga etendewereddwa, yonna ekankana. Buli ggwanga, buli omu, atya munne. Boogera ku mirembe.

69 Baalina, lumu, baagamba mbu, "Ha, kati bwe tunaalwana Ssemaatalo Asooka n'aggwa, nti abavubuka baffe bonna balina okugendayo, era ekyo kijja kumalawo entalo." Naye, n'omukka gw'emizinga gwali tegunaggwa mu bbanga nga waabaluseewo dda olutalo olulala.

70 Bwe baava awo ne bassaawo Ekinywi ky'Amawanga, nga ekyo kye kyalina okuleeta obutebenkevu mu nsi, naye ne kiremererwa. Kati balina Ekibiina ky'amawanga Amagatte, naye nakyo kikoze ekintu kye kimu. Nakyo kiremereddwa. Tewali kye kikozeewo.

71 Buli kimu kiyuuga; obulamu bw'eggwanga, obulamu bw'eby'obufuzi, ebyuma ebikozesebwa mu kulonda. Ha, bannange! Ba...Ekintu kyonna kikankana, buli kimu kyonna.

72 Kati njagala nneeyongere okukisembeza okumpi naffe. Mukiraba? Obulamu bw'ekkanisa buyuuga era tebwesigika. Kati, ekyo Pawulo kye yali ayogerako. Okiraba? Ekyo kye yali ategeeza nti, "Ekkondeere bwe livuga eddoboosi eritategeerekeka." Obulamu bw'ekkanisa buyuuga. Abantu kyenkana tebamanyi kya kukola. Bagenda, babulubuuta bwe bava mu kkanisa emu bwe badda mu ndala, nga bagezaako okunoonya eriwa erina ekituufu; nga badda eno n'eri, bagezaako okunoonya ekituufu, na wa awali enjigiriza entuuufu. Bwe wabaawo ajja, asobola okukinnyonyola, kyenkana nga ekiyiye ky'enzikiriza yaabwe bwe kigamba, nga bagamba eyo y'entuufu. Naye ate, oagenda okugira oti, nga eyo bagisangamu obwonoonefu obuyitirvu, nga ate bagezaako ekkanisa endala, okulaba kiyiye ki eky'enzikiriza kye bakkiriza, n'enjigiriza gye bayigiriza. Ha, mu bino byonna, twesanze nga

twekutuddekutuddemu, olw'ebintu bino, ne tukola ebikumi n'ebikumi eby'enkola ez'enjawulo ez'ekkanisa. Kati, ekyo sikirinaako nsonga yonna. Lwa nsonga nti basobola okukola ebintu biri ebirala byonna, awo, bye bakola, kale wateekwa okubaawo akalungi akabivaamu, awantu awamu.

⁷³ Naye, olaba, obwesige bwo toyinza kubuteeka mu kugamba mbu, “Ndi wa kibiina ekigatta amakanisa g'Abamesodisiti, era ndi—ndi bulungi kubanga ndi mmemba mu kyo.” “Ndi—ndi—wa kibiina ekigatta Ababaputisiti, kale ndi bulungi.” Toyinza kukikola.

⁷⁴ Tosobola na kukikola kugamba mbu “oli wa kibiina ekigatta amakanisa g'Abapentekoote.” Tosobola kukikola. Tolina kukikola, kubanga si bwe kiri. Tukiraba nti ekibiina kyaffe ekyasooka ekigatta amakanisa g'Abapentekoote, Olukiiko Olukulu, bwe lwateekebwaawo, tekyatwala bbanga ddene ne batandika okwekutula ku *kiri*, n'okwekutula ku *kino*, n'ensonga ezitali zimu, n'enjigiriza. Era kati mukirabe, buli wamu wonna. Mukiraba? Kiraga nti tekisobola kwesigika. Abo abateeka obwesige bwabwe mu kibiina kyokka, te—tekyesigika.

⁷⁵ Kati, oyinza okunŋamba nti, “Ow'oluganda Branham, otubuzizzaako we tuyinza okuteeka obwesige bwaffe. Ekifaananyi ky'olaga kitiisa nnyo.” Ekyo kyennyini kye nŋenderedde okukola. Ekyo kye njagadde nkole.

⁷⁶ Nkikoze lwa kigendererwa, nsobole okwogera kino. Waliwo ekintu kyonna ekikakafu? Weewaawo. Waliwo ekintu kimu ekikakafu. O, ndi musanyufu nnyo olw'ekyo, nti waliwo ekintu ekimu mw'osobola okuteeka obwesige bwo, n'obeera mukakafu nti kituufu. O, ebirala byonna bwe biriba biwedde, *Kino* kirisigala kikyayimiridde. Bw'osoma enjiri y'Omutukuvu Matayo 24:35, Yagamba nti, “Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremererwa.” Katonda alina omusingi omukakafu.

⁷⁷ Waliwo nnamukadde, olumu eyagamba nti, nnamukadde omu omuddugavu okuva mu Maserengeta. Yabeeranga ne Bayibuli, naye nga tamanyi kusoma. Ne bamubuuzza nti, “Lwaki obeera nayo, Sam?”

⁷⁸ N'agamba nti, “Kubanga ye—ye Bayibuli Entukuvu.” N'agamba nti, “Kiwandikiddwaako ku Yo.” N'agamba nti, “Njikkiriza, okuva ku ddiba okutuuka ku ddiba, era n'eddiba nalyo ndikkiriza,” n'agamba, “kubanga ewandiikiddwaako nti, 'Bayibuli Entukuvu' ku ddiba lyayo.”

⁷⁹ Eyali ayogera naye, kwe kumugamba nti, “Naye byonna ebigirimu tobikkiriza?”

N'agamba nti, “Yee, ssebo. Mazima ddala mbikkiriza.”

⁸⁰ N'amugamba nti, “Kati, oyagala kunŋamba, nti osobola okukola buli kimu kyonna Bayibuli eyo ky'egamba okukola?”

N'agamba nti, "Yee, ssebo."

⁸¹ N'amubuuza nti, "Watya ssinga Bayibuli eyo ekugamba nti Sam buuka oyite mu kisenge *ekyo* eky'amayinja? Onaakola ki?"

N'agamba nti, "Nja kubuuka."

⁸² N'amubuuza nti, "Naye, kati, ekisenge ekyazimbibwa n'amayinja onaakiyitamu otya nga temuli kituli?"

⁸³ N'agamba nti, "Bayibuli bw'egamba Sam abuke akiyitemu, kitegeeza Sam w'anaakituukirako kijja kubaamu ekituli." Era, ekyo, ddala bwe kiri. Wajja kubaawo ekituli.

⁸⁴ Ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kuyimirira ku Kigambo kya Katonda, n'ebisigadde Katonda anaabitemera ekkubo. Ha, Omusingi ogwo ogw'ekitalo!

⁸⁵ Nzikiriza Yagamba, mu Lukka, nzikiriza we kiri, bwe baali bakkirira bava ku lusozi, Yabuuza abayigirizwa nti, "Nze Omwana w'omuntu abantu bampita Ani?"

Omu n'agamba nti, "'Yeremiya,' omulala nti 'bannabbi,' n'ebirala."

N'ababuuza nti, "Naye mmwe mumpita Ani?"

⁸⁶ Awo Peetero we yayogerera ekigambo ekyo ekikulu nti, "Ye ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamuu."

⁸⁷ N'agamba nti, "Oli wa mukisa, ggwe Simooni, mutabani wa Yona, kubanga omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino. Wabula Kitange ali mu Ggulu y'akikubikkulidde. Era ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiinza."

⁸⁸ Ku kiki ekyo? Ku mazima agabikkuddwa ag'Ekigambo kya Katonda. Kubanga, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeerako gye tuli." Era ne kibikkulirwa Peetero nti oyo ye yali Ekigambo kya Katonda ekikakasiddwa. Amiina.

⁸⁹ Y'ensonga lwaki Yasobola okubuuza nti, "Ani ayinza okunvunaana ekibi? Ani ayinza okunvunaana? Buli kintu kyonna Ekigambo kye kyanjogerako, nkituukirizza." Katonda yali akikakasizza, nti Ye yali Kigambo. O, ky'ekyo. Katonda akirabisizza, Ekigambo kikyogera, olwo Katonda n'akifuula ekyo nnamaddala, n'akituukiriza, n'akirabisa.

⁹⁰ Emyaka egiyise, bwe baagamba ekkana nti, "Eby'okubatzibwa n'Omwoyo Omutukuvu tebiriiyo, ebyo abantu beekyamuukiriza bokka," naye abo abaamufuna, baali bakimanyi nti ago ge mazima. Baali bamanyi nti Katonda wa nnamaddala. Era kizze kikakasibwa, okutuusa, olwa leero, okukola kwa Katonda okuyita mu Bapentekoote mu mawanga ag'enjawulo, kuleese bangi eri Kristo okusinga abalala bonna be baleese.

91 Olupapula oluyitibwa *Our Sunday Visitor*, ebbanga ssi ddene eriyise, olupapula lw'Abakatuliki, lwawandiika ne lugamba nti, nzikiriza gwali mwaka gumu emabega nga oguwedde tegunnaba, manyanga mwaka, guno, oguwedde, ne lugamba nti, "Ekereziya Katolika yakyusa kitundu ky'akakaddde kyokka eky'abantu. Nga ate, Abapentekoote baakyusa abantu akakadde kamu, n'emitwalo amakumi ataano." Amiina.

92 Kiki ekyo? Kintu ekikula, Kigambo kya Katonda, nga kibuna wonna. Nga tusaanidde okwebaza ennyo! Kya maanyi nnyo, okutuusa nti, we twogerera Abangirikaani, n'Abapulesibiteriyani, n'Abaluzalaani, n'abalala, bali mu kujja okukyefunirako. Bwe mwetegereza mu lukunjaana lw'Abasajja Abasuubuzi, mubawulira nga boogera ku bantu ab'enjawulo: Omwangirikani, Omuluzalaani, Omupulesibiteriyani. Naye, olwawo nnyo okuwulira mbu Omupentekoote alina kye yakoze eky'amaanyi. Bwe kiri. Bali abalala be babikola. Kubanga lwaki? Balabye obunafu bw'ebiyiye by'enzikiriza zaabwe, ne bakyuka ne bakomawo eri Ekigambo. Omwo mw'osanga omusingi, ekintu ekitayinza kunyeenyezebwa.

93 Ojja kusangamu, Omwoyo Omutukuvu nga atambuza Obulamu Bwe mu bantu, nga yeeyoleka Ye mwene eri ensi. Era kireetera abantu okumuyaayaanira: ekitanyeenyeezeka, ekitawakanyizika, Ekigambo kya Katonda nga kirabisiddwa era nga yeeyoleka Ye mwene, Ekigambo kyennyini nga kirabibwa mu bulamu bw'abantu. Nga kintu kya kitalo! Ekyo tekiriiko kintu kyonna kitategeerekeka. Osobola okulaba Katonda we yakola ekisuubizo, oluvannyuma n'okiraba wano nga kirabisibwa. Emyaka bikumi na bikumi egiyise bannabbi baakyogerako, era kiikino tukiraba nga kituukirira.

94 Okuyita mu kukolokotebwa okwa buli ngeri, okuyita mu njawukana zonna, okuyita mu bigunje ebya buli ngeri, nga bagezezzaako okulinyirira Ekigambo kya Katonda ekyo! Nga bagezezzaako okukiwanyisaamu n'obuyigirize. Bagezezzaako okukiwanyisaamu, n'okugunjaawo ekibiina ky'eddiini. Beetabuddetabudde. Naye mu makkati g'ebyo byonna, Ekigambo kya Katonda kisigadde kiyimiridde nga kyakaayakana era nga kitangalijja nga bwe kyali kibadde. Kitegeeza ki? Kye kintu ekyo ekikakafu. Katonda yagamba nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremererwa." Kati, ekyo ky'ekintu ekikafu. Bw'oba oyagala okubaako ne kw'owummulira, teeka Ekigambo ekyo mu mutima gwo.

95 Dawudi yagamba nti yakikweka mu mutima gwe, aleme okwonoona. Yawandiika amateeka Ge ku nkondo y'ekitanda kye, n'agasiba ku mikono gye na buli wamu wonna, bulijjo yateekanga Ekigambo Kye mu maaso ge. Bw'otyo bw'olina okukola. Kuuma ebirowoozo byo bulijjo. . .

⁹⁶ Katonda yagamba Yoswa nti, “Tokyamanga ku mukono ogwa ddyo oba ogwa kkono, okukivaako. Bw’otyo bw’onoalabanga omukisa mu makubo go. Bw’otyo bw’onaafuna obuwanguzi obw’amaanyi.”

⁹⁷ N’ekkanisa yonna awamu bwe yeegatta awamu n’eva mu bikwate byayo, ne yeegattira awamu ku Kigambo kya Katonda, ekkkanisa lw’eneefuna obuwanguzi obw’ekitalo. Ekyo kye kintu ekinaasaanyaawo enkola y’obwannaakalyak’ani.

⁹⁸ Kiki ekyaviirako enkola y’obwannaakalyak’ani. . . ? Ekintu kyennyini, mugenda ne mulowooza ku “bwannaakalyak’ani,” engeri gye bagenda basaasaanya enjiri yaabwe, n’okuyitimuka ku misinde egy’ekitalo, mu bukadde na bukadde, abantu ne batuuuka n’okubutya: obwannaakalyak’ani obwo bujja kuseebengerera era bufe. Buteekwa okufa. Obwannaakalyak’ani, bayinza okukola *kino*. Bayinza okukikola *kiri*. Nzikiriza Katonda agenda kubukozesa, naye, ekyo bwe kiri, kiringa bwe Yakozesa Nebukadduneeza. Ajja kusaanyaawo, e—e—e. . . ennaano ey’omu nsiko yonna, agiggyewo, nga akozesa obwannaakalyak’ani. Naye, ekyo. . . Nedda, ekyo si kye kikulu. Naye, mulabeeyo. Naye ekikulu kiri nti, obwannakalyak’ani, bujja kuba n’enkomerero. Obwannakalyak’ani bujja kukoma.

⁹⁹ Naye Ekigambo kya Katonda tekiriiko nkomerero, kubanga tekyalina ntandikwa. Amiina. Tekiggwaawo nga ne Katonda bw’ataggwaawo. Era bw’oba nga wasimba emmizi, nga n’Ekigambo kinywedde munda mu ggwe, Toggwaawo era nga Ekigambo bwe kitaggwaawo. Amiina.

¹⁰⁰ Buteekwa okukoma. Ebintu ebyo byonna biyuuga. Ne bwe bazimba empagi ennene okwenkana wa, biteekwa okugwa wansi. Ebintu byonna ebitali kitundu ku, ebiwakanya Ekigambo ekyo, oba ebikontana nakyo, biteekwa okuvaawo. Biteekwa okuseguka, kubanga Ekigambo kijja nga kirina obuwanguzi. Tewali kisobola kukiziyiza. Katonda yamala dda okukyogera.

¹⁰¹ Bw’Akyogera, eggulu n’ensi biriggwaawo, naye Kyo tekiriiremererwa. Kweka Ekigambo ekyo mu mutima gwo, y’engeri y’okukwatamu Ekigambo ekyo n’okikikiriza okukula. Kikumire mu birowoozo byo, bulijjo, kubanga tekiriiremererwa. Ekigambo kya Katonda tekiriiremererwa, kubanga Yagamba tekiriiremererwa. Kale twagala tukitwale bwe tutyo.

¹⁰² Kaakati, Pawulo yayogera, mu Byawandiikibwa, nga ageraageranya nga bw’otendeka omujaasi, nga bw’otendeka omujaasi okwawula amaloboosi. Kati, omujaasi atekwa okuyiga amaloboosi ga. . . ag’akagombe oba ekkondeere. Bw’aba tamanyi oba ekkondeere, bwe livuze, litegeeza ku—kulumba oba kudda mabega. Bw’aba tasobola kwawula maloboosi ga kkondeere, nga obeera oagenda kuba n’eggye eritabangufu okukamala? Awatali kuwannaanya omulabe aba ajja kulinywa

ku nfeete abajaasi ab'ekika ekyo abataatendekebwa kumanya kya kukola. Amiina.

¹⁰³ Ogwo gwe mutawaana amakanisa gaffe gwe galina olwa leero. Tugatendese kwesigama ku biyiye, na kwawukana bokka na bokka.

¹⁰⁴ Tulina kuba bumu. Tulina okumanya eddoboosi ly'ekkondeere. "Kati ekkondeere kye kiki?" bwe batyo bwe bagamba. Ekkondeere ly'Enjiri, Eyo ly'ekkondeere. Ekigambo kya Katonda omulamu ly'Ekkondeere. Tokitabika na kintu kirala kyonna.

¹⁰⁵ Omu takuba ntongooli ya Kifalansa ate omulala n'afuuwa bbuluugi. Tewali ajja kutegeera kya kukola. Kireetawo kavuyo.

¹⁰⁶ Kati Pawulo yali ayogera ku kutendeka omuntu okwawula amaloboosi. Kibeere nti eddoboosi eryo bwe livuga, amanya kiki kyennyini eky'okukola, kubanga omufuuyi wa bbuluugi aba n'ebiragi, okuva eri omuduumizi omukulu. Era bw'afuuwa ekkondeere lino, eggye limanya kiseera ki kyennyini e—eky'okulumba, na kiseera ki eky'okudda emabega, n'okumanya oba balina kudda ku ddyo oba ku kkono, ne kye balina okukola, okusenziira ku ddooboosi ekkondeere lye liba lifulumizza.

¹⁰⁷ Kati, okubeera ekitundu ku ggye, kitegeeza lutalo, bulijjo kitegeeza lutalo. Tetwegatta ku Kkanisa, manyanga tetwayingira mu Kkanisa, kujja kwewummuzzaamu. Tuteekwa okutegeera nti tuba tuzze mu ddwaniro.

¹⁰⁸ Ssajja bantu kungsiitira ku mugongo kunḡamba mbu, "Ow'oluganda Branham, oli muntu mulungi nnyo." Nedda, ssebo. Nnajja nkutte engabo. Singa kyali ekyo ssandyetaaze ngabo. Nnajja nnyambadde sseppeewo n'ekyambalo ky'olutalo. Nnajja kulwana, okulwanirira buli yinci y'ettata.

¹⁰⁹ Katonda yagamba Yoswa nti, "Buli kifo mw'onaalinnya ekigere kyo, Nkikuwadde." N'olwekyo, buli we yalinyanga ekigere kyabanga kitegeeza wawe.

¹¹⁰ Kitegeeza ekkkanisa bw'etuuka mu kifo, n'etandika okwekkiriranya n'ebiyiye, ne yekkiriranya n'Ekigambo, ne yekkiriranya n'ensi, manyanga, ebeera ewangulwa. Ebeera erinyiddwa ku nfeete.

¹¹¹ Kye twetaaga akawungeezi kano be bajaasi okutwala buli kisuubizo kya Katonda ekiri mu Bayibuli eno, Katonda kye yasubiza eri Ekkkanisa, eby'okulwanyisa bya Katonda byonna, era bayimirire. Ekyo kye twetaaga, bajaasi; si kufuna yinifoomu ya kwambala kulabibwa bulabibwa, bulijjo kiba kya njawulo. Omusajja bw'a. . .

¹¹² Buli ggwanga, tulina abakessi mu buli ggwanga. Wano tulinawo abakessi Abagirimaani. Tulinawo abakessi Abangereza. Tulina—tulina abakessi mu Bungereza. Kiki kye bagezaako okukola? Bagezaako kuzuula bikozezebwa ki, bbomu

kika ki, oli omulala gy'alina. Ekitongole kya F.B.I. kyenkana kiri mu buli ggwanga. Bekkaanya, okulaba ebigenda mu maaso. Bwe batyo bwe babeerawo. Bekkaanya okulaba ekika kya bbomu oli omulala gy'akola. Bwe bagitegeera nga bajja bagirongoosaamu nga bakola egisingako, oba nga bakolayo ekintu eky'okujenjanga. Tebesiganjanga, mu mawanga, kubanga ekyo kye kiraga nti amawanga gayuuga. Mukimanyi nti, Bungereza esobola okutubalula, mu ssaawa busaawa, singa tusaalimbira ewaabwe, oba ffe okubabalula. Kyetaagisa muntu omu yekka bw'ati ali waggulu ku ntikko, okunywamukko egiraasi y'otwenge oba bbiri, oba ezisukkawo, oba abeeko ne ky'atakkiriziganya naky'o, olwo nga kitandika.

¹¹³ Jjuuzi wano ebbanga si ddene eriyise, baagambanga, bwe waaliwo obuntuntu obuwandiikiddwaako nti, "Kyakolebwa mu Japan," mu biseera by'olutalo. Baabukasukanga eri, ne batambula, nga beenyumiriza nga bwe balina omwoyo gw'eggwanga lyabwe. Naye olwa leero akantu ke kamu ako okasasulira ssente empitirivu okusinga ne z'osasulira ebikolebwa mu ggwanga lyo. Kiki ekyabaawo? Ekyo kikomyawo obulamu bw'abavubuka abo abaafiirayo? Weewaawo tekibukomyaawo.

¹¹⁴ Kiki? Ssifaayo oba mulwana kwenkana wa nga mulwanira ebintu ebikwatikako, mugenda, okulwana kwammwe tekulina kye kulivaamu wadde n'akatono. Bijja kuyuuga. Naye waliwo olutalo lumu lwokka lw'osobola okwenyigiramu n'ofuna obuwanguzi obutalikuggyibwako. Eryo ly'eddooboozi ly'Enjiri ery'Ekkondere ly'Ekigambo kya Katonda, era kirimu ebirabo n'ebisuubizo bye Yawa Ekkansa. Mazima ddala mwebiri. Kati, tukiraba—tukiraba, okufuuwa ekkondeere lino.

¹¹⁵ Kati, buli ggwanga ligezaako okuwa abavubuka baalyo eby'okwerinda ebisingirayo ddala obulungi bye balina. Kati, nkimanyi, oluusi eby'okulwanyisa bino tebiba byangu kusitula.

¹¹⁶ Nnalina muganda wange, gwe baakazaako erya, "Rookie," yagendayo, amagye ne gamuwa omugugu nga guzitowa kilo amakumi ana agwetikke ku mugongo gwe. Ate nga kyenkana naye bwe buzito bwe yali azitowa. Baamuwa ekitiyo, ky'anaakozesa okusima andaaki; ne bamuwa n'emundu ne bbomu ez'omu ngalo ezikasukibwa nga ziwerako. Ha, bannange, ssirabanga mugugu nga guli! Musajja wattu nga tasobola na kutambula. Bwe baava awo ne bamutwala nga alina okutambula olugendo lwa mayiro ttaano. Katono gumutte. N'ababuuza nti, "Bino byaki ebitalina makulu? Eno sseppewo ennene bw'eti nneetaaga yaaki?" Kati, labayo. Amagye go gakimanyi nti lumu aligyetaga. "Kino ekitiyo nneetaaga kyaki, wano ku luguudo olunene, nga ntambula?" Kyandibadde kirungi ne weemanyiiza okukikozesa. Wandikyetaaga.

¹¹⁷ Gavumenti teyinza kukuwa kintu nga omanyi...nga

tebakimanyi nti onaakyetaaga. Oteekwa okutendekebwa okukola omulimu ogwo. Banoonya ebintu ebisingirayo ddala obulungi bye basobola okufuna, ne babikuwa bikuyambe okukukuuma, kubanga bafaayo eri eggwanga. Bafaayo okulaba nti obeerako obukuumi obusingirayo ddala, okwewala amasasi okukutuukako. Bulijjo bwe kityo bwe kibaddenga.

118 Kyatandikira mu lusuku Adeni. Era Katonda atendeka Ekanisa Ye. Era ne. . .

119 Omanyi, lubeerera tulina okwongera ku mutindo. Kati, ennyonyi ziri ez'edda ze twakozesanga mu Ssematalo Eyasooka; ne mu Ssematalo Ow'okubiri, kati, obwo obunyonyi obwa yingini emu bwonna baabudibya tebakyabukozesa, bwe baateekayo ennyonyi zino ennungi ennene ze baalina. Kubanga, bwali tebukyagasa. Naye ate kati, ne ze baakava okukozesa mu lutalo luno olwakaggwa, kati zaava ku mulembe. Tebakyazeetaaga. Kati balina zino eziweenyuka. Kati, mukiraba, lubeerera mugezaako okwongera ku mutindo, okwongera ku mutindo gw'eby'okwerinda.

120 Naye mubadde mukimanyi? Katonda teyeetaaga kwongera ku mutindo. Katonda yawa abaana Be, abajaasi Be, ekintu ekisingirayo ddala obulungi ekisobola okubaweebwa. Bwe Yabawa, kiki kye Yabawa? Yabawa Ekigambo Kye mu lusuku Adeni, era omuntu yalina okwezimbako bbugwe abeere emabega w'Ekigambo kya Katonda, nga tewali muzimu gwonna gusobola kumutuukako. Sigala mu Kigambo.

121 Kati, omulabe omukessi, Ssetaani, yagezaako okuzuula okumanya ky'alina okukola okuwaguzi ayingire bbugwe oyo. Kati ya—yakimanya nti yali tasobola kujja n'amala galimba mukazi, n'olwekyo ekintu kyokka kye yali asobola okukola kwali kuyita mu kumuleetera kukubaganya birowoozo. Era ekyo Katonda ky'akozesa olwa leero, okuteeka obukuumi ku Kkanisa Ye, kye Kigambo Kye. Ate Ssetaani ye ajja kuyita mu maanyi ga kukubaganya birowoozo. Ssetaani yakimanya nti ogwo gwe gwali omuwaatwa. Awo abantu we baali basobola okwanguyirwa okumenyebwa, kuyita mu kukubaganya birowoozo.

122 Oyinza okunŋamba nti, "Naye, leka nange nkubuuze. Kati ddala kyetaagisa?"

123 Katonda bw'aba yagamba nti kyetaagisa, kitegeeza kyetaagisa, oba kitwetaagisa kukaaba na kubolooga, na kukola bino *byonna*. Katonda bw'aba yagamba nti okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwetaagisa, ssifaayo oba Azitowa kwenkana wa, oba kikwetaagisa kwawukana na nsi kyenkana wa, ojja kumwetaaga, olumu ku nnaku zino, okusigala nga oli mulamu. Y'engeri yokka ey'okulama.

124 “Kati, kitwetaagisa okwenyigira mu kuwonyezebwa okw’Obwakatonda, nga tulina abasawo abasingayo obulungi mu nsi yonna?”

125 Katonda yakuwa okuwonyezebwa okw’Obwakatonda kubanga Akimanyi nti olina okukukozesa. Yakuwa ebirabo eby’Omwoyo.

126 Era Ssetaani olwali okusemberera ati Kaawa, yatandikirawo okukubaganya naye ebirowoozo. Kati, “Mazima, ddala, *ekyo* Katonda tayinza kukikola.”

127 Leero abantu bagamba mbu, “Ggeyeena teriiyo.” Bangi ku bo bakibagamba. Mukiraba? “Naye, mazima ddala Katonda tayinza kwokya baana Be.”

128 Ekyo weewaawo kituufu, Tayokya baana Be. Naye Ssetaani y’ajja okwokya, ababe. Ggwe oli mwana w’ani? Ekyo kye kiddako. Ggeyeena yatonderwa ssetaani na baana be, so si baana ba Katonda. Teri n’omu ku babe aligendayo. Bwe kiri. Kati ensonga eri nti oli mwana w’ani.

129 Kati, Katonda yawa Kaawa ne Adamu Ekigambo Kye, era takikyusanga. Bulijjo abaddenga... Omukristaayo, oba omukkiriza, Obukuumi bwe kye Kigambo.

130 Eggulu n’ensi biriggwaawo. Buli kiyiye kya nzikiriza kiriggwaawo. Buli kibiina kya ddiini kiriremererwa. Buli ggwanga liribbira. Naye Ekigambo kya Katonda kijja kubeerera, emirembe Egitaggwaawo. Walibaawo ekiseera emmunyee nye ey’oku makya lw’etaliddamu kwaka. Walibaawo ekiseera enjuba lw’erirekera awo okwaka, n’omwezi gulekayo okwaka, n’ensi erekere awo okwetoolola mu nkulungo yaayo.

131 Naye Ekigambo kya Katonda emirembe gyonna tekirikyuka. Weewaawo. Ekyo ky’ekintu ekitajjulukuka, ekintu ky’osobola okwesigamako. Kikakafu. Katonda bw’ayogera ekintu kyonna, kiteekwa okutuukirira.

132 Bwe Yayogera, mu lusuku Adeni, ku Mununuzi nti, Alituma Masiya, kyali kiteekwa okutuukirira. Newankubadde baalindirira okumala emyaka enkumi nnya, naye Yajja. Yalina okujja kubanga kyali Kigambo kya Katonda ekyasuubizibwa.

133 Katonda yasuubiza okumusindika Akomewo nate. Ajja kujja. Sifaayo ne bwe wajja abatakkiriza n’ababuusabuusa abenkana wa, na kyonna kye bakola, obwa nnaakalyak’ani ne bwe busaasaana okwenkana wa, Yesu Kristo ajja kujja, era asangewo Ekkansa eyanaazibwa mu Musaayi, agisitule waggulu ku bire agitwale mu Ggulu. Lwaki? Kiteekwa okutuukirira. Ekigambo kya Katonda bwe kityo bwe kigamba.

134 “Bw’oba osobola okukkiriza, ebintu byonna biyinzika.” Ekyo kikakafu. Bw’atyo Katonda bwe yayogera, era tekisobola kuvaawo, tekiyinzira kuyuuzibwa kuggyibwaawo. Katonda

bw'atyo bwe yayogera, singa onaakinywererako (Kati...) era n'obeera n'okukkiriza mu kyo, kikkirize.

¹³⁵ Si ddoboosi eritategerekeka. Katonda tayinza kwogera ddoboosi eritategerekeka. Ebiyiye by'enzikiriza bisobola okuwa eddoboosi eritategerekeka. Ebibiina by'amadiini bisobola okubuulira eddoboosi eritategerekeka. Naye Katonda tasobola kwogera ddoboosi litategerekeka. Era Ekigambo kino ye Katonda. Era mu kyo temuli kintu n'ekimu ekitali kikakafu. Buli kimu ekirimu kikakafu.

¹³⁶ Kaakati, Ekkanisa eno enkulu eky'okulwanyisa kyayo Kigambo. Kati, Yesu bwe yajja, yakozesa eky'okulwanyisa kye kimu ekyo? Mazima ddala Yakikozesa.

¹³⁷ Ssetaani bwe yajja gy'Ali, mu maanyi ge gonna, n'amugamba nti, "Bw'oba ggwe Mwana wa Katonda, kola *kino*, na *kiri*."

¹³⁸ Yamugamba nti, "Kyawandiikibwa..." Yamwanukuza Kigambo. Ssetaani n'agezaako okumukema n'ekikemo ekisingako. Naye, Yesu, era n'amwanukuza Kigambo nti, "Kyawandiikibwa..."

¹³⁹ Era n'Anywerera, ku Kigambo ekyo, nga atulaga nga eky'okulabirako. Nga bwe Yagamba mu Bakkolinso Ekisooka, ekisooka... Yokaana Omutukuvu 14:13 nti, "Mbawadde eky'okulabirako." Era ekyo ky'okulabirako, nti tuteekwa n'amaanyi gaffe gonna, tuteekwa okuteeka obwesige bwaffe bwonna mu Kigambo kya Katonda. Leka ebirala byonna bibeere obulimba. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omul.]

¹⁴⁰ Ekyo kye kintu kyokka ekikakafu. Katonda ye yakola ekisuubizo. Katonda agenda kutuukiriza ekisuubizo. Babuuzza mbu, "Ddala ekintu *kino* kiribaawo kitya? Aliyinja atya okukunjaanya awamu ekibinja ky'abantu, n'ekisa eky'Okukwakkulibwa, okugenda waggulu?" Ssimanyi bw'Alidikola. Sivunaanyizibwa kumubuuza bw'Alidikola. Nvunaanyizibwa kubeera nga nkyetegekede. Yakisuubiza. Kigenda kubaawo. Ekkanisa Ye yagyetoolooza obukuumi bwa bbugwe w'Ekigambo.

¹⁴¹ Era ekintu ekyasooka kwali kukubaganya birowoozo. Kati leero bagenda ne bagamba nti, "Naye kati si ky'amagezi, singa mbeera mmemba w'ekkanisa *eno*, si kye kimu n'okubeera mmemba w'ekkanisa *eri*?"

¹⁴² Waliwo Ekkanisa emu yokka mw'olina okubeera mmemba. Toyinza kugyegattako bwegassi. Osobola okwegatta ku kibiina kya munno mu kabi, ekibiina kya munno mu kabi eky'Abamesodisiti, n'ekibiina kya munno mu kabi eky'Abapulesibiteriyani, n'ekibiina kya munno mu kabi eky'Abaputisiti, n'ekibiina kya munno mu kabi eky'Abapentekoote. Naye okuyingira mu Kkanisa ya Yesu Kristo ozaalibwa buzaalibwa, n'olwekyo eyo y'Ekkanisa.

143 Ebyo bibiina bya munno mu kabi, abantu mwe bakunjaanira awamu, nga binnamuŋoona bwe biyinja okutuula ku ttabi *lino*, n'amayiba ku ttabi *lino*, ne—n'ebirala. Ekyyo ky'ekika ky'okussa ekimu kwe muba nakwo, nga mulya ku kika ky'emmere kimu.

144 Naye bwe kituuka ku Kkanisa ya Yesu Kristo, waliwo omukutu gumu gwokka. Okwo nga kwe Kuzaalibwa. Okuzaalibwa!

145 Kiringa omuntu, nga bwe ntera okwogera, kiringa ekinyonyi ekiddugavu bwe kiyinza okutuula ku ttabi ly'omuti, ne kigezaako okwepaatiikako ebyoya bya nnyonyi muzinge mu biwawaatiro byakyo, nga bwe kigamba nti, "Mundaba, nange nfaanana nnyonyi muzinge." Mukiraba? Ebyoya ebyo, kyo kyennyini kye kiba kibyepaatiiseeko. Singa ddala kibadde nnyonyi muzinge, obutonde bwakyo bwandibadde bubala ebyoya ebyo.

146 Ekkanisa ya Katonda omulamu bw'eba nga ddala Kkanisa ya Katonda omulamu, ejja kuzaala Ekigambo kya Katonda omulamu. Tewetaaga kubaako wantu wonna w'opaatiika byoya bya nyonyi muzinge. Era buli kimu ku byoya ebyo kijja kuba kitundu ku nyonyi muzinge. Ekyyo osobola okukikkiriza. Na buli kimu ku byoya ebiri ekitundu ku Kkanisa ya Katonda kijja kuba Kigambo kya Katonda. Taliwetekamu kintu kirala kyonna okuggyako Ekigambo. Amiina. Kubanga, obutonde bw'Omwoyo bufulumya Kigambo kyokka. Amiina. Mpulira nga ŋenda nnyingira mu mwoyo. Bwe kiri.

147 Si kintu ky'ogezaako okukola, tewali ky'okaniikirira. Tosobola kukaniikirira ddii-...Tosobola kukaniikirira bulokozi. Tosobola kukaniikirira birabo. Ebirabo birina kuba bibala by'obala. Mazima ddala. Mukiraba? E—endiga tekola, tekola byoya. Erina ebyoya kubanga ndiga. Emera bumezi byoya. O—o—omuti gw'ensaali tegukola bukozi nsaali. Gubala ensaali, kubanga obulamu obugulimu ekyyo kye buli.

148 Bw'etyo n'Ekkanisa ya Katonda omulamu Kino tebakejwetekamu bwejwetsi, kugezaako kubaako na kye beefaanyiriza. Basangibwa bali ekyyo kye bali, olw'ekisa kya Katonda. Nga Ekigambo kya Katonda kiri kitundu ku bo, nga nabo bali kitundu ku Kigambo. Era emirimu egyakolebwa mu oyo atuukiridde, Yesu Kristo, Katonda eyalabisibwa mu mubiri, gijja kulabisibwa mu buli mukkiriza eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Bw'atyo bwe Yayogera. Amiina. Tewali kirala. Kati, ekyyo kye kintu ekiriko obukakafu.

149 Kati, mu ngeri emu oba endala kyandibadde—kyandibadde kitabula eri omusajja, singa aba tamanyi ddoobozi lya kkondeere lyennyini. Kati, omusajja atatendekebwanga kwawula ddoobozi lya kkondeere, era nga taliwulirangako, ekyy'amazima, aba ajja kutabulwa singa anaawulira ekintu nga kivuga mu ngeri eyawukana ku eyo gye yali awuliddeko. Azze awulira kimu

kyokka, “Weegatte ku kkanisa. Twala ebbaluwa yo *wano* eno ne *wali*.” Ebyo byonna byandiba ebituufu. Ekyo kye kyokka ky’amanyi.

¹⁵⁰ Naye ate bw’okyuka n’odda, ku kubatizibwa kw’Omwoyo Omutukuvu, n’oyogera ku maanyi ga Katonda n’ebintu by’Akola; n’engeri gy’aleetera abakazi n’abasajja, bombi, okulongooka ne bava mu bulamu obw’ekibi; n’engeri gy’abaleetera okutambulira mu kutya Katonda, ne mu bwesimbu. N’ebintu bye gakola, era n’aleeta okubatzibwa, okwogera mu nnimi, okuwonyezebwa kw’abalwadde, okugoba emizimu, okulagula, ebirabo, ha, okwolesebwa, buli kimu mu Kkanisa. Aleruuya! Bwe kiri. Eryo bwe livuga, oyo atawuliranga kkondeere kika ekyo limutabulatabula.

¹⁵¹ Oyinza okugamba nti, “Naye nze ekkkanisa yange ebyo tebiyigiriza.” Kitegeeza tefuuwa kkondeere lya Njiri. Ekitiibwa! Kituufu.

¹⁵² Naye eri abajaasi abatendeke, aleruuya, bwe bawulira eddoboosi ly’ekkondeere eryo, bamanya bwe balina okusimba mu lunyiriri. Kumba nga ogenda mu maaso, ggwe omujaasi Omukristaayo! Ekitiibwa! O, ekyo kikakafu!

“Omanyira ku ki nti kikakafu?”

Kiri ku Kigambo.

Oyinza okugamba, nti, “Naye, ffe ekkkanisa yaffe Ekyo tekiyigiriza.”

¹⁵³ Naye ekkondeere likirangirira. Ssaagala kutendekebwa mu kiyiye kya kkanisa, kubanga kijja kuyuuga kigwe. Naye bw’otendekebwa mu Kigambo, eggulu n’ensi biriggwaawo, naye Ekigambo kino tekiriggwaawo. Buli kiyiye kya nzikiriza, na buli kimu kyonna, byonna bijja kugwa. Naye Ekigambo kino tekiriremererwa. Amiina. Eryo ly’eddoboosi. Eryo ly’eddoboosi lye njagala okuwulira. Yee, ssebo.

Oyinza okubuuza nti, “Ha, nnaalitegeera ntya?”

¹⁵⁴ Yesu yagamba nti, “Endiga Zange ziwulira eddoboosi Lyange. Zimanyi ekkondeere Lyange.” Yagamba, mu njiri ya Yokaana Omutukuvu, essuula ey’e 14 olunyiriri olw’e 12 nti, “Oyo akkiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola.” Kati, ekyo Ye yakyogera.

Omuntu bw’agamba nti, “Naye?”

¹⁵⁵ Abaebbulaniya 13:8 wagamba nti, “Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n’emirembe gyonna.”

Nga bagamba mbu, “Weewaawo, mu ngeri emu abeera bumu.”

¹⁵⁶ Kati, endiga yennyini ejja kugamba nti, “Uh-oh. Ha, mu ekyo, mulimu ekireekaanye. Ekyo si kituufu. Ha, ogwo gulabika

gubadde mulele gwa Bafalansa. Eryo teribadde kkondeere, kubanga Bayibuli teyogera ddoobozi litategeerekeka.”

¹⁵⁷ Egamba nti, “Mulifuna Omwoyo Omutukuvu.” Si nti, “Muyinza.” “Mulifuna, buli omu.” Kumala bbanga ki? “Eri abaana bammwe, n’eri abaana b’abaana bammwe, n’abo bonna abali ewala, n’abo bonna Mukama Katonda waffe b’aliyita.” Alifuuwa ekkondeere mu buli luse lw’abantu na mu buli mulembe, era baliwulira Eddobozi Lye. Balirikkiriza, abo abaayawulirwa okufuna Obulamu. Amiina. Balirikkiriza kubanga bamanyi nti ly’Eddobozi ly’okuvuga kw’ekkondeere ly’Enjiri. Litegeerekeka. Buli mujaasi amanyi bulungi bw’alina okuyimiramu.

¹⁵⁸ Kati, mulaba Peetero, ne Yokaana, Yakobo, n’ekkanisa eyasooka, nga bakumba bwe bagenda mu maaso, kubanga ekkondeere, Yesu, yagamba nti, “Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri.” Makko 16, mukiraba, “Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza.” Tulaba Peetero, Yakobo, Yokaana, n’abalala nga basimba ennyiriri, bakumba okukigondera.

¹⁵⁹ Ate ffe ne tukwata ekkubo eddala, okukivaako? Omu n’agenda mu maaso, ate omulala n’adda emabega? Omu n’agamba mbu, “Naye, ekyo kyali kya kiseera kirala. Eryo, eryo—eryo eddobozi, lyali lya kiseera kirala.” Nedda, nedda. Bwe kityo si bwe kirina okuba.

¹⁶⁰ Eggye lyonna ery’Abakristaayo liwulira ekkondeere. Katonda yagamba nti eryo ly’ekkondeere. Tasobola kulikyusa. Eryo ly’eddobozi mwe Yalina okwogerera. “Ku kino abantu bonna kwe banaategerera,” awo nga Ekkkanisa esimbula.

¹⁶¹ Abamu ku bo tebakkiririza mu Kujja Kwe okw’obuliwo. Naye Bayibuli egamba Alijja, na bwe kityo tulindiridde Okujja Kwe. Bw’Atajje akawungeezi kano, tujja kusigala nga tumulindiridde okujja ku makya. Bw’Atajje ku makya, tujja kusigala nga tumulindiridde okujja enkyo akawungeezi. Era tujja kusigala nga tulindiridde. Bwe tuneebaka, e—e . . . tunaaba tetuzirikidde bwereere. “Kubanga ekkondeere lya Katonda livivuga ekkondeere eryo ery’oluvannyuma, n’abafu abaafiira mu Kristo balizuukira. Naffe abalamu abaliba bakyasigaddewo tulisitulibwa wamu nabo, okusisinkana Mukama waffe mu bbanga, era tulibeerayo emirembe n’emirembe.” Eryo ly’eddobozi ly’ekkondeere. Oba ndiba nkyali mulamu oba ndiba nnafa, tekirina n’ekimu kye kirikyusa. Eddobozi eryo ndiriwulira. Ndizuukira. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Ndizuukira. O, weewaawo. Weewaawo.

¹⁶² Yesu yagamba, nti, “Endiga Zange ziwulira Eddobozi Lyange.” Ye yali Ekigambo nga kirabisiddwa. Bwe. . . Ku ekyo endiga Ze kwe zimutegeerera.

163 Kati mulabe Abafalisaayo n'abalala abaaliwo mu biro ebyo. Baagamba, "Ha, ono Omusajja Beeruzebuli." Bwe Yagamba omukazi ku luzzi, ebikwata, ku bibi bye, abaami be be yalina, bwe Yagamba Nassanayiri we yali, wansi w'omuti Firipo we yamuyitira, wansi w'omutiini, nga asaba, kati, abayigiriza abo ab'ebiro ebyo baagamba kimu nti, "Omusajja ono Beeruzebuli. Oyo ssetaani. Mulaguzi."

164 Naye si bwe kyali eri Peetero, Yakobo, ne Yokaana, n'abalala bonna. Bo baali bakimanyi. Lwaki? Baali bakimanyi nti Katonda yagamba nti Masiya bw'alijja, wansi w'eddoboozi lya Musa erifukiddwaako amafuta, Aliba n nabbi. Era bwe baalaba ebintu ebyo bye Yayogera nga birabisibwa era ne bituukiririra ddala nga bwe yabyogera, baakitegeererawo nti eyo mmere ya ndiga. Baakitegeererawo nti eryo lyali kkondeere. Butereevu ne batandikirawo okuligoberera. "Endiga Zange zirimanyi," kubanga baalaba Ekigambo kya Katonda nga kirabisibwa.

165 Kati, abantu leero, tebakkiriza nti waliyo ekintu nga okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Bwe bajjako wano oba ne bagenda awantu awalala gye balina Omwoyo Omutukuvu, ne balaba ekisuubizo kya Katonda nga kituukirira ddala nga bwe kyayogerwa, kubanga, "Endiga Zange ziwulira eddoboozi Lyange." Zimanyi eddoboozi ly'ekkondeere eryo kubanga ye Bayibuli. "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Akyali Abaebbulaniya 13:8, ky'ekyo kyennyini.

166 Sifaayo, kati, tekirina kye kikyusa yadde oba waliwo amakondeere g'ekkanisa ameka agavuga. Tulina emirere gy'ekkanisa mingi, nga bwe mumanyi, egikuba kerere buli wamu wonna, nga bwe gigamba mbu, "Ha, ennaku z'ebyamagero zaayita. Eby'okuwonyezebwa kw'Obwakatonda tebiriyo."

167 Ha, endiga zennyini ebyo tezibiwuliriza. Naye ziwuliriza kkondeere eryo, eryo ettuuifu.

168 Omulele gw'ekkanisa ogwo gusobola okwogera ekintu kyonna. Oyinza. . . Mmwe Mulabe bye gyogera leero, emirere gy'ekkanisa. Emu edduka *edda* eno, endala edduka *edda* eri. Nga ssetaani yeetuulidde wali, agamba kimu, "Bannange, kye beekola balwanagana bokka na bokka. Ekyo kimala. Ssetaaga na kubakwatako."

169 Naye, ow'oluganda, leka lumu bonna basse kimu, bakomewo ku biragiyo ebyabaweebwa. Ha, bannange! Ojja kulaba "abajaasi Abakristaayo, abakumba nga bagenda mu maaso," bennyini, nga tebawuliriza mirere, wabula nga bawuliriza kkondeere.

170 Leka tusooke tuyimirireko wano, katono, tuddeyo emabega tubeeko abatonotono be tulaba. Tunaatera okumaliriza, kubanga saagala kubalwisa nnyo wano. Naye leka tuddeyokko emabega tubeeko abamu ku baawulira eddoboozi lino be tulaba. Leka tulabe. . . Ate baali bakakafu. Kati mbalaze nti buli kintu

ekirala kyonna si kikakafu. Leka tufuneyo omuntu omu ow'edda gwe twogerako, okumala akaseera.

¹⁷¹ Leka tulabe nnabbi Yobu. Kati, omusajja oyo yayita mu kigezo, naye yakimanya nti Katonda yali yeetaaga ekiweebwayo ekyokebwa. Ekyo Katonda kye yali yeetaaga, era ekyo kyokka kye Yali yeetaaga. Era amaka ge ne bwe gaagwamu obutyabaga obwenkana wa . . . Katonda bulijjo . . .

¹⁷² Bw'olaba nga waliwo ekitatambula bulungi eri munno, ekyo tekitegeeza nti Katonda y'amukangavvula. Tekitegeeza nti aba ali bweru wa kwagala kwa Katonda. Ye aba akimanyi mu mutima gwe oba awuliriza ekkondeere oba nedda.

¹⁷³ Katonda yali abanja ekiweebwayo kino ekyokebwa okuweebwaayo, era Yobu n'akinywererako. Ky'ekyo kyokka. Baamugamba nti, "Yobu, oli mwonoonyi ow'omu nkiso. Olina ky'okola ekitali kituufu." Naye ekituufu yali akimanyi. Yasigalawo awo wennyini, kubanga yali awulidde eddoboosi ly'ekkondeere, era yalinywererako.

¹⁷⁴ Era, ku nkomerero ya byonna, ku nkomerero ya byonna, bwe yali . . . Ssetaani yali asumuluddwa gy'ali, n'atwala ab'omu maka ge, n'atwala abaana be, n'atwala enjamira ze, n'atwala eby'obugagga bye byonna, n'alwaza obulamu bwe. N'atuula ku ntuumo y'evvu. Nga kirabika nga buli kimu ekyali kigenze. Naye era yasigala ayatula nti, "Mmanyi nga Omununuzi wange mulamu. Mu nnaku ez'oluvannyuma Aliyimirira ku nsi. Newankubadde nga envunyu z'omubiri zizikiriza omubiri guno, naye era mu mubiri gwange ndiraba Katonda." Tewaali kugamba nti tekitegeerekeka, si bwe kiri? Teyagamba nti, "Ndo—ndo—ndo—ndowooza Mulamu." Yagamba nti, "Mmanyi nga Mulamu, era Aliyimirira ku nsi mu nnaku ez'oluvannyuma. Newankubadde nga envunyu z'omubiri zizikiriza omubiri guno, naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda." Ha, bannange! Kyabaawo. Yali mukakafu nnyo.

¹⁷⁵ Ibulayimu, lumu, bwe yali atambula mu nnimiro, yawulira Katonda nga amugamba nti, "Ibulayimu, Ijenda . . ." Yasisinkana Ibulayimu nga Ekigambo ekiwandiike tekinnabaawo, n'Amugamba nti, "Ibulayimu, Ijenda kukuwa omwana ow'obulenzi okuyita mu mukyala wo, Saala." Ate nga yalina emyaka nkaaga mu etaano mu kiseera ekyo, nga Ibulayimu wa nsanvu mu etaano. Era ne bamwetegekera, era teyakwatibwa nsonyi kukijulirako. Yali akimanyi nti agenda kuzaala omwana ow'obulenzi.

¹⁷⁶ Era Bayibuli egamba nti, "Teyasagaasagana ku kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza, naye yali mumativu awatali kankunkuna." Amiina. Yali mumativu ddala awatali kankunkuna, ekyo kitegeza nti yali asisinkanye eky'enkomeredde. Amiina. Ky'ekyo. Eky'enkomeredde

y'enkomerero y'olugendo. Ky'ekintu ekisembayo. Kye—kye kyonna mu byonna.

Yagamba nti, “Ndi mumativu ddala nti, ekyo Katonda kye yasuubiza, Katonda asobola okukikola.”

¹⁷⁷ Oli mumativu, akawungeezi kano, oli mumativu ddala awatali kankunkuna nti ono ye Mwoyo Omutukuvu? Oli mumativu ddala awatali kankunkuna, nti lino ly'ekkubo? Oli mumativu ddala awatali kankunkuna, nti Ye Muwonya? Oli mumativu ddala awatali kankunkuna nti Akomawo nate? Oli mumativu ddala nti Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna? Amiina. Oli mumativu ddala awatali kankunkuna! Weewaawo.

¹⁷⁸ Leka tufuneyo omulala, Eriya, nga ayimiridde waggulu eri ku lusozi. Yali awakanye ne Yezebeeri eyali yeesiiga langi mu maaso, nga atandise okwetamwa. Olw'abakazi bonna okukoppa omukyala w'omukulembeze w'eggwanga, oba oli awo nga balina emisono egy'okukola enviiri ne zirabikanga ezitotobadde n'ebirala bye baalina mu kiseera ekyo. Yali abivumiridde nnyo okutuusa nti—nti kaabula kata kimuttise.

¹⁷⁹ Butereevu, Katonda n'ayogera naye n'amugamba nti, “Sserengeta ogendeyo. Omanyi, wano, enkuba etonnya buli luvannyuma lwa nnaku nga bbiri oba ssatu mu wiiki. Naye ggwe yimirira mu maaso ga Akabu, omugambe nti, 'BWATI BW'AYOGERA MUKAMA. K'abeere ssuulwe tajja kugwa okuva mu ggulu okutuusa nga nze mmuyise.’” O, bannange!

¹⁸⁰ Teyagamba nti, “Kati, Akabu, oba oli awo, kinaaba bwe kiti.” Ha, nedda. Yali mumativu nga taliimu kankunkuna yadde, teyalinaamu kubuusabuusa. “K'abeere ssuulwe tajja kugwa, yadde enkuba okutonnya, okutuusa nga nze ngiyise.” Amiina. Ekitiibwa! Ha, lwaki? Yawulira ekkondeere. Lyali kkakafu. Yali amanyi Katonda we. Yali akimanyi nti waliwo ekiteekwa okubaawo, Katonda bwe yayogera Ekigambo ekyo, eggulu lyonna n'ensi byali bisobola okuggwaawo nga teki—kyatuukiriranga, kyalina okutuukirira. Yali mumativu ddala awatali kankunkuna.

¹⁸¹ Kati, Yamugamba nti, “Eriya, Njagala oyambuke waggulu eri mu bitundu ebisingayo okuba ebikalu mu ggwanga, waggulu ddala eri ku nsozi awatali nsulo. Naye ggwe Nninayo gye nkutegekedde.”

¹⁸² Yali mumativu ddala. N'ayambuka waggulu ku lusozi n'atuula ku kagga Kerisi. “Kati njenda kukola ki waggulu eno?”

“Nnalagidde dda bannamuŋŋoona okukuliisa.”

¹⁸³ “Naye, kati ddala bannamuŋŋoona abo...Kati, sooka olindeko, Mukama”? Nedda, nedda. Ekkondeere lyavuga. Ekyo kimala. “Kinaabaawo kitya? Simanyi. Ssifaayo. Okiraba? Ekyo si nze alina okukyeraliikirirako. Ekyo

Katonda y'akivunaanyizibwako. Yagambye nti Ndagidde bannamuŋŋoona.”

¹⁸⁴ “Naye, Mukama, kale Osobola okunnyamba n’okinnyonyola, n’ombuulira wa ba...ssomero ki bannamuŋŋoona abo gye baasomera, gye baayigira okwogera Olwebbulaniya? Balina kintu kya ngeri ki...Sitoovu kwe bafumba ya gaasi, oba bakozesa nku, oba bakikola batya? Era banajja wa...Nsolo ki gye banatta? Mbalaba binyonyi bitono. Bananzitira batya ennyama, okundeetera sandiwici ey’ennyama?” Olaba? Olaba? Ebyo teyabibuuza.

¹⁸⁵ Katonda, e—ekkondeere lya Katonda, Eddoboosi Lye lyavuga ne ligamba nti, “Ndagidde!” (Teryagamba mbu, “Eriya, Nnyinza okukikola.”) “Nnamaze dda okukikola.” (“Si Nja kukikola.”) “Nnamaze dda okukikola.” Amiina.

¹⁸⁶ Oyo ye Katonda waffe, akawungeezi kano. Tagamba nti, “Ajja kukikola.” Yamala dda okukikola. Amiina. Yamala dda okukikola. Amiina. Tagamba nti, “Ajja kukikola; oba Ayinza okukikola; oba oli awo Anaakikola.” Yamala dda okukikola. “Ndagidde bannamuŋŋoona.”

¹⁸⁷ Yawaayo Omwoyo We eri abantu bonna. Yawaayo emikisa Gye. Yalinnya Waggulu, n’awa abantu ebirabo. Waliwo ajja okubifuna. Waliwo ajja okubigaana. Si buvunaanyizibwa bwange okumanya engeri gye bijjamu. Ekikulu kiri nti bizze. Katonda yagamba bwe kityo bwe kiriba, era bwe kityo bwe kiri. Peetero yagamba, ku Lunaku lwa Pentekoote nti, “Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw’okuggyibwako ebibi byammwe, munaafuna ekirabo, nga ye Mwoyo Omutukuvu.” Anajja atya? Simanyi. “E—ekisuubizo kiri eri baana bammwe, n’abo bonna abali ewala, n’abo bonna Mukama Katonda waffe b’aliyita.” Kati, ekyo toyinza kukisambajja. Ekkondeere lyamala okuvuga, era ndikikiriza. Nnaligondera, era ndirina. Amiina. Kati jangu ogezeeko okulinzijamu. Amiina. Weewaawo, ssituukiridde. Nedda.

¹⁸⁸ Nga ekiro kiri, mwannyinaffe omuddugavu, bwe yagamba nti, “Omukadde, nzikirizibwa okubaako obujulizi bwe mpa?”

“Yee, nnyabo.”

¹⁸⁹ N’agamba nti, “Njagala okwogera ekintu kino kimu.” N’agamba nti, “Si—si—siri ekyo kye njagala kubeera.” Era n’agamba nti, “Siri ekyo kye nnina kubeera. Naye, waliwo ekintu kimu kye mmanyi, ssikyali ekyo kye nnali.”

¹⁹⁰ Kale, ekyo, naffe bwe tutyo bwe tuwulira. Sikyali ekyo kye nnali, kubanga kati nnalokolebwa, olw’ekisa kya Katonda, ne nfuna n’okubatizibwa kw’Omwoyo Omutukuvu, nga bwe kyalagirwa. Yafukibwa ku Lunaku lwa Pentekoote, ekisuubizo ne kiweebwa, era ne nkikkiriza. Tewali kubuusabuussa. Nnawulira eddoboosi. Ne ndigondera, era ndi mukakafu nti ly’eryo. Mazima ddala. Nkakasa ly’eryo. Mazima ddala.

191 Simyoni, musajja mukulu ow'emyaka nga kinaana, nga wayiseewo ebikumi n'ebikumi by'emyaka kasookedde wabaawo nnabi ku nsi, naye nga akyatambula nga ayogerwako bulungi. Lumu Omwoyo Omutukuvu yayogera naye, n'amugamba nti, "Simyoni, omanyi, tolifa okutuusa ng'olabye obulokozi bwa Mukama." Ekitiibwa!

192 Oba oli awo kabona omukulu, yamukwatanga mu kirevu enfunda eziwera, n'amugamba nti, "Simyoni, ekirevu kyo wandibadde okisaniririra ludda wali eri."

N'agamba nti, "Ekyo tekirina kye kikyusa yadde."

"Omanyira ku ki nti oli mutuufu?"

"Omwoyo Omutukuvu bw'atyo bwe yanjamba. Sijja kufa."

193 "Naye, Simyoni, eky'amazima, ogenda...Ffe, tulaba akaseera konna ofa."

194 "Ha, ssifaayo ne bwe mwogera ki. Naye nze Katonda yanjamba nti ssijja kufa okutuusa nga ndabye obulokozi Bwe. Tekiriiko kubuusabuusa kwonna. Ssijja kufa. Ssisobola kufa okutuusa nga mmulabye." Amiina. Ky'ekyo.

"Onaakikola otya, Simyoni?"

"Nze, ogwo si mulimu gwange."

"Ali ludda wa, Simyoni?"

"Ssimanyi."

"Okakasiza ku ki nti onaumulaba?"

195 "Katonda bw'atyo bwe yagamba. Ky'ekyo. Kye Kigambo. Ssijja kufa okutuusa nga mmulabye." O, bannange!

196 "Ha, bambi musajja wattu. Ddala kituufu, yatabuka omutwe, nga bwe mumanyi. Kale bambi mumuleke bulesi."

197 Naye, era yamulaba. Yee, ssebo. Katonda aterawo ekkubo abantu abo abatwala Ekigambo Kye.

198 Yesu, bwe yali wano ku nsi, nga Ayimiridde awo ku ntaana ya Laazaalo.

199 Manya, ekyo nga tekinnabaawo, bwe yali ayogera ne—n'abantu, abaali bamwogerako, nga bw'Atannaweza myaka makumi ataano, nga abagamba mbu Yalaba Ibulayimu. Mwali mwetegerezza bwe Yakyogera n'obukakafu? Yagamba nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI. NDI." Si, "Nnali," oba, "Ndiba," naye, "NDI. Nkakasa."

200 Okuva awo, n'Agamba, ku ntaana ya Lazaalo, bwe Yali tannaserengetayo, Yagamba, yagamba Mariza, n'Amugamba nti, "Nze kuzuukira, n'Obulamu." Si nti, "Nnina kuba," oba, "Ndiba," naye, "Ndi." Amiina.

201 "Mwanyinaze, ssinga Wali wano, teyandifudde. Naye ne kaakano, ayi Mukama, kyonna ky'onaasaba Katonda, Katonda ajja kukukuwa."

N'amugamba nti, "Mwannyoko ajja kuzuukira."

202 "Weewaawo, alizuukira mu nnaku ez'oluvannyuma, mu kuzuukira kwa bonna. Yali muvubuka mulungi. Weewaawo, nzikiriza alizuukira."

203 Naye Yesu n'amuwabulamu, katono, mu ky'ayogedde, n'amugamba, nti, "Naye Nze kuzuukira n'Obulamu." Si nti, "Ndiba; Nnina okubeera," oba bwe bityo. "NDI." Awo tewali kintu kyonna, tewali kintu kyonna kiyuuga, tewali n'ekimu kisagaasagana ku nsonga eyo. Tewali kitategeerekeka. Kyali kikakafu.

204 "Nze kuzuukira n'Obulamu. Akkiriza Nze, newankubadde nga afudde, aliba mulamu. Buli muntu omulamu anzikiriza Nze talifa." Ssi—ssi nti, "Ayinza obutafa. Oba oli awo talifa." "Talifa. Tekiriiko—tekiriiko kubuusabuusa kwonna. Talifa."

205 "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era talijja mu Musango, wabula aba asomose n'ava mu kufa n'adda mu Bulamu."

206 "Talina kujja mu Musango"? Talijja mu Musango. Amiina. Yatwala Omusango gwange. Ssirina nsonga entwazaayo. Amiina. Kiikyo. "Avudde mu kufa n'ayingira mu Bulamu." O!

207 Kati yagamba nti yakikkiriza. Kaakati, Yesu teyagambako nti, "Naye, omanyi, ekyo nga bw'okikkirizza, nga kati otegedde nga ye Nze Kigambo, era—era Nze—Nze. . . Otegedde nga Nze Oyo eyali ow'okujja. Era okyatudde. Okikkiriza. Ka nkubuulire kye tuyinza okukola. Leka tugende tukunjaanye abakadde, tukkirireyo tulabe oba nga waliwo kye tuyinza okukola." Nedda, nedda. Yagamba nti, "Njenda ku. . ." Si, "Njenda kugendayo *ndabe* oba nga Nnaasobola okumuzuukiza." "Njenda kugenda mmuzuukize." Amiina. Si nti, "Njenda—Njenda kugezaako." "Njenda kumuzuukiza." Tewali kutankana kwonna. Eryo teryali ddooboozi eritategeerekeka, bwe Yagamba nti, "Njenda kumuzuukiza. Njenda kumuzuukiza."

208 Era Oyo y'omu eyagamba nti, "Njenda kumuzuukiza," naawe yakuwa ekisuubizo. Aleruuya! O, bannange! Amiina.

"Njenda kugenda mmuzuukuse."

209 N'addamu n'Agamba nti, "Muzikirize yeekaalu eno, Nnaalaba kye Nsobola okugikolera"? "Muzikirize yeekaalu eno, Nange ndigizuukiza mu nnaku ssatu." Tewali kutankana kwonna. "Kati Nja kugezaako. Mwenna musobola okuyimirira awo ne mulaba oba nga Nnaasobola okukikola oba nedda"? Ah, nedda. "Nja kugizuukiza." Tewali kutankana. "Nja kugizuukiza. Mmwe—mmwe mugizikirize; Nze nja kugizuukiza." Ha, bannange!

210 Lwaki? Yakimanya nti Ye Muntu oli, ali mu Byawandiikibwa, Dawudi gwe yayogerako. "Ssirireka mmeeme Ye magombe,

wadde okuleka Omutukuvu Wange okuvunda.” Era Yali akimanyi nti Yali mu kisuubizo ekyo eky’Ebyawandiikibwa, kale n’olwekyo Yali mukakafu.

211 Kati, ffe tetuyinza kuba bakakafu nga bwe yali? Tumutwala, nga eky’okulabirako kyaffe, mu bintu ebirala. Ekigambo kya Katonda bwe kiba nga kyakyogera, naffe tetusobola kubeera bakakafu ku Kigambo nga bwe Yali?

212 “Nze kuzuukira n’Obulamu.” “Ndigizuukiza nate.” Amiina. Lwaki? Yakimanya nti Ekigambo kyakyogerako, era Yali mukakafu nti wa kujja.

213 Bwe mba nga Nze muntu oyo ayogerwako mu Yokaana 5:24 nti, “Oyo awulira Ekigambo Kyange n’akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw’emirembe n’emirembe, Nange ndimuzuukiza mu nnaku ez’oluvannyuma. Taliija mu Musango; wabula aba asomose n’ava mu kufa n’ayingira mu Bulamu.” Oyo—oyo ye ffe. Kati tutya ki? Mutawaana ki?

214 Erinnya lye mweyita likola njawulo ki? Mweyita *kino, kiri, n’ebirala*. Tuli baana ba Katonda, olw’ekisa kya Katonda. Twajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, olw’ekisa kya Katonda. Kikola njawulo ki oba ono ali *kino* nga omulala ali *kiri* oba *kiri*, oba Mupulesibeteriyani, oba Mumesodisiti, oba Mubaputisiti? Bw’aba yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, alina munda mu ye Obulamu obw’okumuzuukiza. Amiina. Weewaawo. Kati, ku Lunaku lwa Pentekoote . . .

215 Yesu yabagamba, mu Lukka 24:49 nti, “Laba, Mbaweereza ekisuubizo.” Si, “Nnyinza okukibaweereza. Nnaalaba kye nnyinza okukola.” “Ndibaweereza ekisuubizo kya Kitange okubakkako. Naye mwambuke mu kibuga Yerusaalemi mulindirire okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi.”

216 Kati, watya singa baalindirira, ka tugambe, ha, okumala ennaku mukaaga, ne bagamba nti, “Tulinda ki? Nzikiriza tulina kumufuna lwa kukkiriza. Mulowooza si bwe kiri?”

217 Watya ssinga Yakobo yagamba, ku—ku lunaku olw’omwenda, n’agamba nti, “Simooni, sooka ojjeke wano katono. Omanyi, luli nnina enneewulira ey’enjawulo eyanzikako. Olaba? Era omanyi kye nzikiriza? Nzi—nzi—nzikiriza tayagala tweyongere kubeera wano nga tukyalindiridde. Nzikiriza twamufuna—twamufuna dda. Ggwe olaba otya? Leka tweddireyo ku mirimu gyaffe. Leka tugende mu maaso n’obuweereza bwaffe”? Ha, tekyandibaddewo.

218 Lwaki? Baali bakimanyi nti nnabbi yali yakyogera. Kati muwulirize. Nnabbi yagamba nti, “Kubanga kiteekwa kuba kiragiyo ku kiragiyo, lulina kuba lunyiriri ku lunyiriri, lunyiriri ku lunyiriri; wano katono na wali katono.” “Nyweza ekyo ekirungi.” “Kubanga n’emimwa eginanaagira n’ennimi endala bwe Ndyogera eri abantu bano. Era kino ky’ekiwummulo,

ye ssabbiiti.” Baali bakimanyi nti waali wateekwa okubaawo ekibaawo nga Azze.

²¹⁹ “Ndifuka Omwoyo Wange mu nnaku ez’oluvannyuma.” Yoweeri 2:28, “Olulituuka mu nnaku ez’oluvannyuma, bw’ayogera Katonda, Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri, era batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula. Ne ku bazaana Bange n’abaddu bange Ndifuka Omwoyo Wange, mu biro ebyo. Ndyolesa obubonero obw’ekitalo waggulu mu ggulu ne—ne wansi mu nsi, n’omuliro, n’okunyooka, kw’omukka.”

²²⁰ Baali bakimanyi nti wateekwa okubaawo obumanyirivu obugoberera okujja kw’Omwoyo Omutukuvu okwo. Baali tebagoberera ddooboozi litategeerekeka. Naye bwe baawulira nga waliwo ekitambula, ne balaba n’obukakafu bwa Bayibuli nga bukwatagana nakyu, tebaalina kutankana kwonna. Baagenderawo mu nguudo. Munsonyiweko. Ha, bannange! Baali bakakafu nti yali Mwoyo Omutukuvu.

²²¹ Mumanyi obukakafu bwe baalina? Baali bakakafu okutuusa nti, Peetero, omusajja oyo ataali muyigirize, yalinnya waggulu ku kibookisi, oba awalala wonna, n’abagamba nti, “Mmwe abasajja Abayudaaya,” nga yenna asowoddeyo akafuba nga sseggwanga. N’agamba nti, “Mmwe abasajja Abayudaaya, nammwe mwenna abatuula mu Yerusalemi! Mbadde mbatya, akaseera katono akaakayita; naye kati, sikyabatya. Mutegeere kino, era mutegere amatu ebigambo byange. Bano tebatamidde nga bwe mulowooza. Naye *kino* kye Kiri.” “*Tusuubira* kino kye Kiri”? “*Tukkiriza* kino kye Kiri”? Yagamba nti, “Kino *kye* Kiri ekyayogerwa nnabbi Yoweeri.” Aleruuya! Tewali kutankana kwa ngeri yonna. “Kino *kye* Kiri ekyayogerwa nnabbi Yoweeri.” Ha, bannange!

²²² Yesu yagamba, mu Makko 16, nga atuma Ekkansa Ye nti, “Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri.” “Obubonero buno oba oli awo busaanye oku; bujja, obw’olumu, oba oli awo”? “Bunaagobereranga abakkiriza. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu. Banaayogeranga ennimi empya. Bwe banaakwatanga omusota oba ne banywa ekintu ekitta, tekiibakolenga kabi. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga.” Si nti, “Oba oli awo.” “Bunaagobereranga. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza.”

²²³ Leka nkiwumbewumbe, nhambe bwe nti, muganda wange, mwannyinaze, mu ddakiika entono eziddako. Nkikkiriza. Nzikiriza nti ekintu ekirala kyonna, ekintu kyonna ekikontana n’Ekyo, si kituufu. Nzikiriza, nti buli kimu kyonna ekikontana n’Ekyo kijja kugwa. Nzikiriza, sifaayo oba obwannaakalyak’ani bwenkana wa, oba waliwo obubondo bwa *kino* n’obubondo bwa

kiri obwenkana wa, n'enkola z'ekkanisa ezenkana wa n'enkola z'Ekirooma, n'endala zonna, enkola y'Ekimerika n'endala zonna zijja kugwa.

²²⁴ Naye Ekigambo ekyo kiriyimirira emirembe Egitaggwaawo, kubanga Kigambo. Ate nga tekinnafuuka Kigambo, kirina kusooka kuba kirowoozo. Era ekigambo ky'ekirowoozo ekirabisiddwa. Era Katonda, mu Butaggwaawo, byajja mu ndowooza Ye. N'ayolesa ebirowoozo Bye. Ne bifuuka Ekigambo, era Ekigambo kirina okulabisibwa.

²²⁵ Y'ensonga lwaki, bwe Yayogera ku Masiya, Masiya yalina okujja. Yayogera n'agamba nti walibaawo Ekkanisa mu nnaku ez'oluvannyuma, etaliiko bbala newankubadde olufunyyiro; era Ekkanisa eyo erina okubaawo. Aleruuya! Yakyogera. Ntwala Kigambo Kye. Nkikkiriza.

²²⁶ Nzikiriza nti Yasuubiza Omwoyo Omutukuvu eri buli mukkiriza anakkiriza. Nzikiriza nti Peetero, ku Lunaku lwa Pentekoote, bwe yabuulira obubaka obwo obwali obw'amaanyi, n'abagamba bonna beenenye era babatizibwe, nti obubonero buno bunajja, na *kino*. "Oyo yenna alikoowoola Erinnya lya Mukama alirokolebwa." Nzikiriza nti ago ge Mazima; nkinywereddeko. Nkirabye nga kirabisibwa.

²²⁷ Mmanyi nnwaanagana nakyo. Era mmanyi ngezaako okukuba oluta. Naye nga sinnakuba luta, nnina okwetakkuluzaako ebinsibye byonna, na buli miguwa gyonna, na buli kimu kyonna, mbijje mu kkubo. Naye buli mulundi lw'okuba oluta, obeera weyongera mu maaso. Amiina. Kwata bukwasu kambe obisale.

²²⁸ Bangi ku mmwe mujjukira Pawulo Rader, mukwano gwange omwagalwa. Nnali nkyali muvubuka muto, omubuulizi. Nnateranga okugenda mu Fort Wayne, ne mmuwuliriza, mu Kkuŋŋaaniro lya Rediger. Yali musajja munene wa kiwago! Yasemberanga emabega ddala, n'asika empale ye, n'ayimusa omukono gwe, n'awuluguma nga eddubu, era nnaloozanga nti agenda kubuuka ayite mu kituuti. Naye bwe ya... Era yatandikanga n'ekyawandiikibwa kye yasoma, weewaawo, okuva mu Luberebery, n'awunzika nga ali mu Kubikkulirwa, nga adda eno n'eri. Pawulo yali musajja ddala.

²²⁹ Lumu nnali njogera naye, n'agamba nti, "Nnali musalamala eyo mu Oregon," eyo gye yali azaalibwa. N'agamba nti, "Lumu, omanyi," n'agamba nti, "Nnali—nnali ku mulimu gye nnali ntumiddwa, eyo awantu awamu." Nneerabidde gye yali. Naye yali akola mulimu gwa buminsani.

²³⁰ Yali akkiririza mu Katonda, nga akkiririza nti Katonda awonya. Era Pawulo yagamba, wano wennyini ekkanisa y'ensi yonna w'eri leero, yagamba nti, "Ssinga nnatunda obubaka bwange obw'ekisa eri Abapentekoote abookya nga eryanda ly'omuliro, mu kifo ky'okukola kye nkoze wano nammwe,"

n'agamba nti, "ekinviiriddeko okweraliikirira, ne ntuuka n'ekiseera nga nnina enkumi n'enkumi z'amabanja ga ddoola. Nneeraliikiridde okutuusa lwe nkwatiddwa kookolo, era nga nfa. Ssinga nnatunda obubaka bwange obw'ekisa eri Abapentekoote abookya nga eryanda ly'omuliro, Katonda yandimpadde omukisa ogw'omuyiika olw'okukikola." Kituufu.

²³¹ Yagamba nti yali munda eyo mu—mu bibira, n'akwatibwa omusujja oguleetebwa ensiri oba ekintu bwe kityo. Gwali gwa mutawaana nnyo. Ate nga yali munda ddala eyo mu bibira, ate nga mukkiriza omunywevu mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda. N'agamba nti yeeyongera okuba obubi. N'asaba, n'asaba. Abamu ku baminsani ne bagamba nti bagenda kulinyya eryato bagende baleete dokita. Naye, nga kyali kijja kubatwalira ennaku eziwerako okukomawo ne dokita. Kye yava abagamba nti, "Nze—nze. . . Temukikola. Mukireke." N'agamba nti, "Katonda bw'atamponye, kinaaba kitegeeza nzirayo Waka."

²³² N'agamba nti mukyala we yasigala naye mu kisenge. Obudde ne bweyongera okukwata. Era yagamba nti yayita mukyala we, n'amugamba nti, "Mukwano, kwata omukono gwange." N'amugamba nti, "Genda mu maaso nga onsabira. Ndaba enzikiza yeeyongera okukwata." N'agamba nti, "Nzi—nzikiriza ebisiikirize byeyongera okunneetooloola." N'amugamba nti, "Nkwata. . . Kwata omukono gwange osabe, nga bwe njenda." N'amalirira, okusisinkana Katonda.

²³³ N'aba nga eyawaanyisibwa. Era yagamba nti yaloota nga akomyewo wano mu Oregon, nga muvubuka muto, nga asala mbaawo. N'agamba nti eyali abakulira n'amugamba nti, "Pawulo, yambuka waggulu ku ludda luno olw'akasozi, obeeko omuti gw'otema, ogwenkana bwe guti."

²³⁴ Agamba nti n'adduka n'alinyya akasozi n'amagulu ge ag'ekivubuka, n'atema omuti n'agusuula wansi, n'agusalaasala, n'ateeka embazzi wansi. N'agamba nti omuti gwa payini ogwo gwali mugonvu bulungi, embazzi ye, ennene, eyali esala obulungi, esala erudda n'erudda yaguyitamu n'esalamu payini oyo bulungi nnyo. N'agamba nti n'agukwata, muli n'agamba nti, "Kati, njenda kugwetikka nguserengese wansi."

²³⁵ Yali musajja munene bulungi, wa maanyi, yagamba nti, "Nnali neemanyiiza okugatta awamu amaviivi gange, ne ngwetikka ku mugongo gwange, ekintu ekisingayo okuba ekinene eky'omuntu." Yalina emifumbi mu mugongo ne ku bibegabega, n'emabega mu magulu ge. N'agamba nti, "Nnakwatanga endoddo ennene," ne ngiteeka ku kibegabega kyange, ne ntambula. Naye n'agamba nti, "Eyo yabeeranga ndoddo ya bulijjo, naye," n'agamba nti, "Na. . ." [Ow'oluganda Branham akoona ku kazindaalo—Omuk.] (Munsonyiweko.) N'agamba nti, "Endoddo eyo yannema okwetikka." (Munsonyiweko.)

236 Yagamba nti, “Endoddo eyo yannema okwetikka.” N’agamba nti, “Nnafuba, ne nfuba nga ngezaako okugisitula, naye ne nnemwa.” N’agamba nti, “Nnakozeza amaanyi gange gonna.” N’agamba nti, “Naye endoddo eyo yannema okuggya ku ttaka.” N’agamba nti, “Oluvannyuma lwa byonna, nnawulira nga sikyalinamu twanyi yadde, kye nnavu ntuula awo kumpi n’omuti ogwo ne ntandika okwesangula entuuyo. Nga nzenna nnyenjebuse.”

237 N’agamba nti, “Bwe waayitawo akaseera, ne mpulira eddoboosi lya mukama wange.” Naye n’agamba nti, “Lye ddoboosi erisinga okuwulikika obulungi lye nnali mpulidde.” N’agamba nti, “Bwe nnakyuka, eddoboosi ne linnamba nti, ‘Pawulo.’ Ne nḡamba nti, ‘Wangi, mukama wange, kiki ate?’ Ne ligamba nti, ‘Lwaki omenyeka nagwo?’” N’agamba nti, “‘Anti, wanḡambye nguleete emmanga mu lusiisira, naye, gunkooyezza ebitagambika. Ssi—sisobola kugwetikka, mukama wange.’ N’amugamba nti, ‘Pawulo, omugga gw’amazzi ogwo ogukulukuta *awo* togulaba?’ N’agamba nti, ‘Ngulaba.’ N’amugamba nti, ‘Omugga ogwo gutuukira ddala wansi mu lusiisira. Lwaki endoddo eyo togisuula ku mazzi, n’ogituulako n’oseeyeyya n’ekutuusa butereevu mu lusiisira?’ N’agamba nti, ‘Ekyo ssaakirowoozezaako.’”

238 Kye yava akwata endoddo n’agiyiringisa n’agissa ku mazzi, n’agituulako, n’agamba nti, “Ha, bannange!” N’atandika okusammula amazzi, nga bw’abuukabuuka, n’okuleekaana, ennyo, nga bw’agenda aseeyeyya ku ngulu ku mayengo, nga bw’akkirira amazzi gye galaga, bw’atyo, nga aseeyeyeyya ku ndoddo y’omuti eno, bw’agenda aleekaana nti, “Ngiseeyeyeyyaako! Ngiseeyeyeyyaako!”

239 Agamba nti, agenda, okudda mu kutegeera kwe, yeesanga ali wakati mu nnyumba, ali ne mukyala we bwe baleekaana. Yagiranga n’aleekaana nti, “Ngiseeyeyeyyaako! Ngiseeyeyeyyaako!” Ab’oluganda!

Amawanga gasasika, Isiraeri egolokoka,
Obubonero Bayibuli bwe yalagulako;
Ebiseera by’ab’amawanga biweddeyo, nga
bijjudde entiisa;
“Mukomeewo, Ayi mmwe abaasaasaana,
mudde ewammwe.”

240 Obubaka buno obw’Ekigambo kya Katonda ge Mazima. Okufa n’obutanyagwa, nḡenda kubutambuliramu. Si. . . Sigenda kubuwakanya. Sigezaako kubuwakanya. Nnabukkiriza, era mu Bwo mwe ntambuliramu. Abakolokosi ka bagolokoke. Nja kusesebulla buli mmundu yonna. Nkomawo mu lusiisira, olumu ku nnaku zino, nga nseeyeyya ku Kigambo kya Katonda. Amiina. Nkakasa nga nja kutuukayo.

Ka tusabe.

241 Lwaki omenyeka n'omugugu gwo ogw'ekibi? Lwaki obeera mu mbeera mw'oli, nga tomanyi wa w'oyimiridde, nga odduka ova mu kkanisa eno bw'odda mu ndala, bw'ova wano bw'odda wali? Lwaki toguyiringisa n'ogussa, ku musaalaba, akawungeezi kano, n'oseeyeezeza ku Kigambo? Lwaki totwala kisuubizo kya Katonda akawungeezi kano n'oseeyeeza n'ova mu mivuyo, n'oyingira mu buziba, awatangaavu? Tomeggana nakyo. Tekikweraliikiriza. Kikkirize bukkiriza, okisembeze. Bwe Bwakabaka obutayinza kujjulukuka. Ku Kyo kw'oba oseeyeezeza.

242 Bw'oba oli mulwadde akawungeezi kano, twala ekisuubizo kya Katonda ekigamba nti, "Nze Mukama awonya endwadde zo zonna."

243 "Nnaawona ntya, Ow'oluganda Branham? Omusawo agamba nti nnina obulwadde bw'omutima, nnina kookolo, nnina *kino, kiri*," kyonna kye kiri, "Ndi kiggala, ndi kasiru. Ndi muzibe w'amaaso," kyonna kye kiri. Kikola njawulo ki? Ggwe kkiriza bukkiriza ekisuubizo kya Katonda okiseeyeezezaako.

244 Leka tukwate endoddo y'omuti ennene, tugiyingise tugiteeke wano, tugiwandiikeko nti, "Tusabye okusaba okw'okukkiriza akawungeezi kano; ηηenda kukuseeyeezezaako. Bayibuli egamba nti, 'Okusaba okw'okukkiriza kunaawonya omulwadde, ne Katonda anaamuyimusa. Bw'aba yakola ekibi, kirimusonyiyibwa.' ηηenda kukiseeyeezezaako. Nkikkiriza."

245 Bw'oba olina ekikyamu kye wakola, bw'oba waddirira akawungeezi kano, "Oyo abikka ku bibi bye taliraba mukisa. Naye oyo ayatula ebibi bye alisaasirwa." Lwaki tokyatula?

"Kati, nkole ki, Ow'oluganda Branham?"

246 Kyatule, bw'omala okiseeyeezezaako. Katonda bw'atyo bwe yagamba. Kijja kukujja mu kibi kyo.

247 Omuntu bw'atyo waali wano akawungeezi kano, nga toteekanga bwesige bwo bwennyini mu Katonda ku lw'obulokozi bw'emmeeme yo, nga wandiyagadde okujjukirwa mu kusaba nga bwe tumaliriza? Osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham. Njagala kuwaayo okweraliikirira kwange." Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. "Njagala ku..." Katonda akuwe omukisa, nnyabo. "Njagala kuwaayo kweraliikirira kwange." Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa ssebo, emabega wali. Katonda akuwe omukisa, muwala. Kale. Ekyo kituufu. Katonda akuwe omukisa. "Njagala kuteeka kweraliikirira kwange ku Ye nsaabalire ku kisuubizo Kye kaakano. Nzikiriza nga Yasuubiza nti, 'Oyo ajja gye Ndi, Ssirimugobera wabweru n'akatono.'"

248 "Si ngeri gye mpuliramu, 'Nnasabiddwa akawungeezi ka jjo, Ow'oluganda Branham; naye ssiwulirawo njawulo yonna.'" Ekyo tekirina kakwate konna nakyo yadde n'akatono.

Ssiseeyeyeza ku nneewulira zange. Wabula nseeyeyeza ku Kigambo Kye. Ekyo kisuubizo Kye.

249 “Ow’oluganda Branham, mbadde ku wolutaali, emirundi nga ena oba etaano, nga ngezaako okufuna Omwoyo Omutukuvu. Naye ssimufunanga.”

250 Ekyo tekirina kye kitegeeza yadde. Ggwe sigala ku ndoddo, ejja kukutuusa butereevu mu lusiisira, mu lusiisira olw’Omubereberye, mu lusiisira lw’abatukuvu. Ojja kutuukayo. Ggwe sigala ku ndoddo yo, nga bw’oleekaana amatendo ga Katonda waggulu nnyo n’amaanyi nga bw’osobola. Eyo y’engeri ey’okukikolamu.

251 Nga tukyakotese emitwe gyaffe, ddala oyagala okukiseeyeyezaako? Kale, akantu ako akakusiwa mu mutima gwo, wandyagadde okujja oyimirire wano ku wolutaali okumala akaseera tusabe era tukuteekeko emikono? Tunaakusanyukira singa ojja.

252 Leka tukwate akantu ako akeetooloozeddwa ku mutima gwo akawungeezi kano, akakugamba nti, “Okimanyi, oli mukyamu. Kati yimusa omukono gwo.” Kale.

253 Olinnye ku ndoddo y’omuti, endoddo y’ekisuubizo Kye; omuti, omusaalaba ogwatemebwa ne gusuulibwa wansi. Kaakano teeka emikono gyo ku musaalaba guno. Tambula oguyimirireko ogambe nti, “Kati n̄enda kugweyambisa okuseeyeya. Mu kaseera kano kennyini n̄enda kukikkiriza. N̄enda kukisembeza. Nkikkiriza. Ssirikyuka n’akatono. N̄enda kunywerera ku Kigambo ekyo, okutuusa nga ekyo kikakasiddwa. Era ekyo bwe kinaamala okukakasibwa, N̄enda kukunuukiriza n̄ende ku kirala, ntandike okukiseeyeyezaako.” Olaba?

254 Era kigambo ku kigambo, ddaala ku ddaala, ojja kufuna buli kintu Katonda kye yakusuubiza. “Kubanga ebintu byonna biyinzika,” eri oyo anaakiseeyeyezaako. Sseeyeyeza ku kisuubizo Kye, kubanga kikakafu kijja kukutuusa mu lusiisira. Kijja kukuleeta mu Kubeerawo kwa Katonda.

255 Osobola okujja kaakano nga bwe tukotese emitwe gyaffe? Era nsaba omuntu yenna awulira nga yandyagadde okujja ayimirire wano ku wolutaali, okumala akaseera katono asabe.

256 “Nkiseeyeyezaako, ayi Mukama. Ayi Mukama, nzikiriza. Okubusabuusa kwange kwonna kuziikiddwa mu nsulo. Mukama nzija. Nkikkiriza. Nneebagala Ekigambo akawungeezi kano, era n̄enda kukikkiriza n’omutima gwange gwonna. Nkutwala nga Ekigambo Kyo bwe kiri.”

257 Waliwo omukyala omu omwagalwa ayimiridde wano ku wolutaali, o—okukakasa Katonda nti abadde akitegeeza. Nammwe temujje, mmwe ababadde bakotese emitwe gyammwe, nga muyimusizza emikono gyammwe, nga mwagala

okujjukirwa mu kusaba? Musobola okutambula ne mujja wano mu maaso? Katonda akuwe omukisa. Jangu buzzzi. Ky'ekyo. Jangu oyimirire wano wennyini. Ogambe nti, "Ŋenda kukyebagala nkiseeyeezeeko. Ai Katonda, Ggwe wasuubiza, era kaakano waliwo ekintu ekikonkona ku mutima gwange, era nzijja kaakano okukyebagala nkiseeyeezeeko. Era ŋenda kukinywererako okutuusa lwe kinantuusiza ddala mu lusiisira. Nzijja butereevu munda mu lusiisira lw'abatukuvu b'Oyo ali Waggulu ennyo." Katonda akuwe omukisa. Ekyo kirungi. Mujje mu maaso kaakano, mmwe abaagala okukyebagala mukiseeyeezeeko. Jangu nga bw'oli, "Nzija nga bw'endi, nga sirina kya kwewolereza n'ekimu."

²⁵⁸ Jjukira. Oyinja okwebuuzza nti, "Ogwo muti?" Weewaawo. Lumu, waliwo omuti ogwatemebwa ne gugwa wansi, naye ne guddamu ne gusimbibwa e Kalivaaliyo. Buukira bubuukizi omuti ogwo akawungeezi kano, n'ebisuubizo bya Katonda, Ekigambo ekyali kirengejjera ku muti.

²⁵⁹ Nkyebagadde. Ŋenda kukikkiriza, n'omutima gwange gwonna. Nange nandyagadde okujja nkwateko mu ngalo za baganda bange.

²⁶⁰ Katonda akuwe omukisa, olw'okusalawo kwo okw'obuzira. Njagala osigale wano, okumala akaseera, nga bwe tusaba. Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Mwannyinaze omwagalwa, Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Mukama waffe Yesu...?... Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. "Nnũŋnyama." Abaluŋnyame abasomose omugga.

²⁶¹ Mujjukire nti, nga omuweereza wa Kristo, nvunaanyizibwa kubuulira Kigambo. Nvunaanyizibwa ku lw'obujulizi bwange. Kati nandiyinzizza ntya okuyimirira wano akawungeezi kano...

²⁶² Omusajja ow'emyaka ataano mu etaano, manyanga ataano mu esatu, mu mwezi ogw'Okuna nja kuweza ataano mu ena, okuyimirira wano nga nkimanyi bulungi nti, n'okwolesebwa kuno okwakasembayo, zandiba nga z'ennaku zange ezisembayo ku nsi. Nnyi—nnyinza okubalekawo mu naku ntono. Ssimanyi kye kutegeeza. Muwulirize olutambi mwesalirewo. Ssimanyi kye kutegeeza. Nandiyimiridde wano nga kyenkana nzikiriza nti buno bwandiba nga bwe bubaka bwange bwe nsembyeyo okubuulira, nga mbubuulidde wano wennyini mu Phoenix, ate ne njogera ekintu ekikyamu, nga nkimanyi nti enkomerero yange eri mitala wali, era nga nja kulamulwa okusinziira ku bigambo byange?

²⁶³ Baganda bange, munzikirize mbategeeze kino, nammwe bannyinaze. Mubaddengawo mu nkuŋŋaana ez'enjawulo. Mumanyi, okwawula ebirowoozo n'ebirala bwe bizze bikola. Nnali mbagambye ekintu kyonna, mu Linnya lya Mukama

waffe, ne kitatuukirira? Nsaba omuntu yenna. Nedda, ssebo. N'okwetoolola ensi yonna, ne mu nkumi n'enkumi z'okwolesebwa, tekibangawo. Era mbabuulira amazima akawungeezi kano, nti Omusaayi gwa Yesu Kristo gumalira ddala okusangulawo buli bbala, era lijja kusangulibwaawo.

Waliwo Ensulo ejjudde Omusaayi, (Era oyimiridde ku Nsulo eyo mu kaseera kano kennyini.)

Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri, (Ekintu kyokka ekikakafu ekisigadde ku nsi.)

Aboonoonyi bwe bebbika mu mugga ogwo,
Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi
byabwe.

²⁶⁴ Injenda kusaba abaweereza bano kaakano, n'ab'oluganda, mujje muyite mu bantu bano. K'abeere ani... Bwe mutyo, bwe muyita abaweereza okujja okusabira abantu? Kale, kati abaweereza mwenna abali wano, abaagala, abasanyukira okulaba nga emmeeme zirokolebwa, mujje wano muyimirire nga ekibinja ekisabira awamu, we tusobolera okusibibwa awamu, ne tweyawula ku buli kintu ekirala kyonna, ne tweyawula. Bano basajja n'abakazi, akawungeezi kano abateeka envumbo ku kifo kyabwe gye balikomekkerereza, olw'Omusaayi gwa Yesu Kristo, nga bamatwala nga Ekigambo Kye bwe kigamba, nga baseeyeyeza ku Kigambo Kye, okutuuka mu Kubeerawo Kwe, bago bagamba nti, "Nzuuno, ayi Mukama. Sirina kye nnyinza kuwaayo wabula nneewaayo, era ntwala." Musobola okujja ne muyimirira nabo, bwe muba mwagala? Yenna awulira nga yandyagadde okujja, jangu oyimirire. Katonda abawe omukisa, baganda bange. Ekyo kirungi nnyo ddala. Njagala nnyo okulaba abasajja abamalirivu, abafaayo ku lw'emmeeme. Nzikiriza, baganda bange, ekyo kirungi. Mubeetooloole. Ekyo kirungi. Muyimirire mubeetooloole. Kati leka...

²⁶⁵ Nja kusaba omukubi w'ennanga asembere, bw'aba asabola, tuyimbe oluyimba luno, mu ngeri ey'obuwoomerevu, nga tutegeera bulungi kye tuyimba, era nga tuluyimba mu bwetowaze.

²⁶⁶ Tetujja eri kintu eky'enfumo obufumo. Tetujja eri kintu eki—eki—ekyefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza okukkiriza. Naye tujja mu Kubeerawo kwa Katonda, Yakuwa Katonda omuyinza w'ebintu byonna, Eyasuubiza, nti, "Buli ababiri oba abasatu we baliba bakunjaanidde mu Linnya Lyange, awo Wendi wakati mu bo." Yogera gy'Ali nga bwe wandyogedde ne mukwano gwo, omugambe nti, "Mukama, nsonyiwa. Nnayoona." Era tugenda kuyimba.

Waliwo Ensulo ejjudde Omusaayi,

Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya
Emanweri,
Aboonoonyi bwe bebbika mu Mugga ogwo,
Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi
byabwe.

Omubbi oli eyali afa yasanyuka okulaba
Ensulo eyo mu kiseera kye;
Nange bwe ntyo, nga bwendi omubi nga ye,
Naaza ebibi byange byonna.

Olw'okukkiriza okuva lwe nnalaba Omugga
ogwo
Ogwava mu biwundu Byo,
Okwagala okw'obununuzi gwe gubaddenga
omulamwa gwange,
Era bwe kinaabeeranga bwe kityo okutuusa
lwe ndifa.

²⁶⁷ Kaakano weetoowaze. Tolina ky'oli. Tewali n'omu ku ffe alina ky'ali. Kale kaakano mu bwesimbu, n'emitima gyammwe gyonna, muvunnanye emitima gyammwe n'emitwe gyammwe mugikoteke, buli wamu, wonna mu kizimbe.

²⁶⁸ Kitaffe ow'omu Ggulu, mmanyi nga Ebigambo Byo bya mazima. Tebisobola kulemwa. Byo kye Kigambo kya Katonda. Byo ye Katonda. Era Wagamba nti, "Oyo yenna ajja Gyendi, ssirimugobera wabweru n'akatono." N'abasajja bano n'abakazi, nga balumirizibwa mu mitima gyabwe, nga bamanyi nti tebateredde, bazze mu maaso, akawungeezi kano, ayi Mukama, okwatula nti bakyamu, nga bamanyi nti waliwo entunnunsi munda mu mitima gyabwe ezi—ezibasindiikirizza okujja awali Ensulo. Era baabano bayimiridde wano, bakotese emitwe gyabwe n'emitima, okunywa ku Mazzi ag'Obulamu, ag'obuwa, Katonda ge yasuubiza. Bakkirize ayi Kitaffe, mu Bwakabaka Bwo. Babo.

²⁶⁹ Wagamba nti, "Tewali ayinza kujja Gyendi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka. Era abo bonna Kitange be yampa balijja Gyendi." Era kiraga nti bano Katonda abawadde Kristo, nga ekirabo eky'okwagala. Era baabano bayimiridde wano, ayi Mukama. "Tewali ayinza kubasikula kubajja mu mukono Gwange." Era nkusaba, ayi Katonda, Obateekeko obukuumi akawungeezi kano, nga bwe bayimiridde wano, era obawe okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu nga bakyali wano ku wolutaali.

²⁷⁰ Leka amaanyi ga Kristo ag'ekitalo gabune obulamu bwabwe kaakano! Bakoze okwatula kwabwe. Bazze mu maaso. Wagamba nti, "Oyo alinjatulira mu maaso g'abantu, Nange ndimwatulira mu maaso ga Kitange ne Bamalayika abatukuvu." Tumanyi nga omulimu ogwo gukolebwa kaakano.

271 Kaakano, ai Mukama, bैसेeko akabonero obasibire mu Bwakabaka obwasuubizibwa, obw'Omwoyo Omutukuvu. Kikole, ayi Mukama. Bafukeeko Omwoyo Wo, obajjuze n'Omwoyo wa Katonda omulamu, basobole okubeera obujulizi obulamu ennaku zonna ez'obulamu bwabwe, eri Obwakabaka bwa Katonda.

272 Kati leka ekibiina kiyimirire. Buli omu abeere mu kusaba kaakano. Tugenda kusaba nti bano . . .

273 Kati, buli omu ku mmwe azze wano akawungeezi kano, nga owulira nti obadde olina ekibi ku mutima gwo, kati ekyo tewali kintu kyonna ky'oyinza kukola okuggyako okukikiriza. Oyo Omutukuvu . . . *Kino* okikiriza lwa kukkiriza. Kuno kwe kukkiriza, bw'okkiriza. Yesu yagamba nti, "Tewali ayinza kujja Gyendi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka. Era bonna abajja Gyendi," Ajja kubasembeza. Tayinza kukola kyawukana ku ekyo, kubanga Yakisuubiza. Mukiraba? Kati towummulira ku kukyamuukirira kwa ngeri yonna. Wummulira ku Kigambo Kye. Okiraba? Ekigambo bwe kityo bwe kigamba.

274 "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina," mu kiseera eky'obuliwo, "Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era talijja mu Musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu." Omwoyo Omutukuvu bwe bumanyirivu obw'okujjuzibwa n'okuweebwa amaanyi okuweereza. Naye okwatula n'okusembeza Kristo kwe kuba n'okukkiriza n'oyatula, era n'owulira eddembe nti ebibi byo Katonda abikusonyiye.

275 Era okusenziira ku Kigambo Kye, yagamba nti, "Tewali muntu ayinza kujja okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka." Okiraba? Kati, Katonda y'asoose, n'akuwalula. "Era oyo ajja Gyendi, Ssirimugobera wabweru n'akatono." Okiraba? Okiraba? O—okisembezza. Ekintu kyokka, ky'olina . . .

276 Ya—Yafa ku lulwo. Ebibi byo byakusonyiyibwa, emyaka lukumi mu lwenda egyayita. Ggwe kati ojja buzzi kutwala ekyo kye Yakukolera. Okiraba? Kati okkiriza nti Yafa ku lw'ebibi byo? Onaamukkiriza nga okutangirira kwo? Amakulu nti, omukkiriza, nti Yatwala ebibi byo.

277 Onaasanyuka n'omwebaza olw'okutwala ebibi byo? Okkiriza nti Yakikola? Kati yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nzikiriza nti Aggyawo ekibi kyange," amiina, "aggyawo ekibi kyange." Kale.

278 Kati, ogwanyizibwa okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

279 Bw'oba tobatizibwanga mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo, omu ku basajja bano ajja kukakasa nti, ofuna okubatizibwa okw'Ekikristaayo.

280 Naye kati, “Peetero bwe yali akyayogera ebigambo bino,” nga tebannabatizibwa, “Peetero bwe yali nga akyayogera ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n’abakkako.” Lwaki? Bonna baali wansi w’okusuubira. Kati naawe oli wansi wa kusuubira. Oyagala Ekintu kaakano eki—ekinaakussaako envumbo kikusibire mu Bwakabaka bwa Katonda, Ekintu ekinaabeera ekya nnamaddala gy’oli. Oyagala kufu- . . . Mwenna temwandyagadde kufuna Mwoyo Mutukuvu, buli omu ku mmwe? Temumwagala? Mazima ddala mumwagala. Ago ge maanyi agabakuuma. Olaba?


Baali bakunjaanye wamu mu kisenge ekya
waggulu,
Nga basaba mu Linnya Lye, e . . .
Ne babatizibwa n’Omwoyo Omutukuvu,
Ne bafuna amaanyi ag’okuweereza.

281 Okiraba? O, ekyo kye weetaaga kaakano. Era osobola okukifuna, mu kaseera kano kenniyini. Kikyo, eddakiika eno.

282 Kati, ab’oluganda, musembere mu maaso. Leka, buli omu kaakano, tuteeke emikono gyaffe ku b’oluganda bano, tubasabire bafune Omwoyo Omutukuvu. Musembere, ab’oluganda. Musembere.

283 Kati, ekibiina kyonna, muyimuse emikono gyammwe kaakano, buli omu! . . .? . . .

284 Kitaffe ow’omu Ggulu, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, jjuza buli mutima oguli wano n’okubatizibwa kw’Omwoyo Omutukuvu.

285 Mufune Omwoyo Omutukuvu. Mufune Omwoyo Omutukuvu, abantu bano wano abayimiridde era abalindiridde Okubeerawo kwa Katonda n’amaanyi ge okubuna mu bulamu bwabwe. 

63-0114 Akagombe Bwe Kavuga Eddoboozi Eritategerekeka
mu Christian Assembly
e Phoenix, Arizona Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikikirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org